OKUFUMBIRIGANWA N'OKWAWUKANA

Leka tukoteke ku mitwe gyaffe kaakano mu kaseera ak'okusaba. Kitaffe ajjudde Ekisa, tukwebaza enkya ya leero olw'omukisa guno ogw'okubeera wano mu kizimbe kino, nga tulindiridde ebinaava mu lunaku. Weewaawo tetumanyi biki biri mu lunaku, naye Oyo awaniridde olunaku tumumanyi. N'olw'ekyo tusaba nti Oyo awaniridde olwa leero n'olw'enkya, n'Obutaggwaawo bwonna, anaatuwa omukisa leero nga bwe tukuŋŋaanye awamu mu Linnya Lye, tusobole okutegeera engeri esingako ey'okutambuzaamu obulamu okusobola okumuweereza. Kino kye kigendererwa kyaffe mu bujjuvu, Kitaffe. Katonda, Ggwe amanyi emitima gyaffe, omanyi kino bwe kiri ekituufu. Twewaayo gy'Oli, n'eki—n'ekitundu ky'olunaku ekisigaddeyo, olw'obuweereza Bwo, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Mutuuleeko.

2 [Ow'oluganda Branham abaako ne gw'ayogera naye ku kituuti—Omuk.] Weebale. N'ekirala kiikino.

3 Mwasuze mutyanno, abawuliriza be ndaba wamu n'abo be ssiraba okwetooloola eggwanga eyo yonna gye tuyungiddwa ku mpewo enkya ya leero. Kino kimpa omukisa ogw'amaanyi okujja wano enkya ya leero okwogera ku ky'okuyigako kino ekikulu ennyo. Eri ekibiina kye ntunuulidde, weewaawo kitabulamukko, kubanga wano mu maaso gange waliwo ntimbe njereere, kale nnina okwogera nga bwe ntunulako ku ddyo ne ku kkono. Kati ate eri abawuliriza be ssiraba, ku mukono gwange ogwa ddyo waliwo ekisenge ekinene omukuŋŋaanirwa, olwo ate ekisenge omuzannyirwa emizannyo egy'omunda ne kiba ku mukono gwange ogwa kkono; ate nze ndi wansi, nga entimbe ziwenjuddwa ku njuyi zombi, nga ekyo kimpa enjuuyi bbiri olwa ddyo n'olwa kkono. Era tulina abantu bayitirivu nnyo, enkya ya leero, mu kisenge ekinene omukuŋŋaanirwa kyonna, ne mu kisenge omuzannyirwa emizanyo egy'omunda, ne mu kkanisa, mu kkanisa emmanga ku Luguudo Eighth ne Penn. Era mu bifo ebyo abantu we babooze, enkola y'essimu y'etwalayo eddoboozi mu bifo ebyo ebirala.

4 Tufunye ekiseera eky'ekitalo mu Mukama, era twesunga nnyo olukuŋŋaana luno enkya ya leero. Era kati akawungeezi kano nga bwe kiri nti kye kiseera eky'okuggalawo enkuŋŋaana ez'ennaku zino ennya, kati, twaniriza bonna, abasobola, okubaawo wano. Twesize nti Mukama anaatuwa okutuuka ku

ntikko ey'ekitalo akawungeezi kano nga akola ekisukkulumye ennyo ku bya bulijjo, mu ngeri nti anaawonya abalwadde bonna n'Akola n'eby'ekitalo by'Akola bulijjo. Era akawungeezi kano tukeesunga nnyo ddala. Abantu bonna baanirizibwa n'essanyu, buli muntu, buli kkanisa eya buli kibiina kya ddiini kyonna. Tekikwetaagisa na kuba Mukristayo; mu butuufu aboonoonyi be twagalira ddala bayingire, batuule mu makkati gaffe. Era tukola buli ekisingayo obulungi kye tusobola okukola okubayigiriza ekkubo lya Mukama kye liri, tusobole okubeera abalamu.

5 Kati leka nsuubire nti abawuliriza temuubeere ku bunkenke. Nange nneesize Katonda nneme kubaamu na kiwuggwe, kubanga nnabadde n'ekiro ekizibu ennyo ddala, n'okuzitoowererwa okw'amaanyi. Kubanga nkitegeera nti ebintu bye njogera enkya ya leero ndibyanukulira ku Lunaku lw'Omusango, era ssa—ssaasobodde kwebaka, ate nga nkimanyi nti ssinga ssibyogera era ndibyanukulira ku Lunaku lw'Omusango. Kale ekyo kifuuka kizibu, tosobola na kukinnyonnyola.

6 Kale nno enkya ya leero lwe tugenda okwogera ku ssomo eryo ekkulu ery'*Okufumbiriganwa N'okwawukana*. Era ensonga lwaki nnalifudde ssomo ery'okuyigako ku Ssande, nnayagadde tulyogereko nga tetupapa, mu kifo ky'okukibuulirako nga obubaka obw'okubuulira. Kino kyo kya kuyigiriza buyigiriza ekiviira ddala mu Byawandiikibwa.

7 Era nja—njagala okugamba nti, ssinga wabaawo omuweereza yenna oba abaweereza, mu kifo kyonna, ssinga olutambi luno lugwa mu ngalo zaabwe, ssinga tufulumya olutambi luno. . . Ssimanyi kiki ekkanisa ky'enaalukolera. Nsaba Ow'oluganda Fred asooke asisinkane akakiiko akaddukanya ekkanisa nga tannafulumya lutambi luno. Nammwe abali eyo wonna mu ggwanga, abateze obuuma obukwata amaloboozi ku ntambi, mbeegayiridde temufulumya lutambi nga temunnaba kuwulira kuva eri Ow'oluganda Sothmann ku birukwatako.

8 Kati, ssinga lusaasaanyizibwa, ne wabaawo omu ku mmwe baganda bange abaweereza, oba Omukristayo yenna mu kifo kyonna, atakkiriziganye na bintu bye njogera ku ssomo lino, nsu—nsuubira toolikolokote. Bw'oba tokitegeera mu ngeri gye nkiyigirizaamu, kale, olina eddembe lyo, nga omuweereza, nga omusumba. Era nzisaamu ekitiibwa ekintu kyonna ky'okkiriza.

9 Kati waliwo endowooza za mirundi ebiri ku kino. Era bwe waba waliwo ebibuuzo bya mirundi ebiri, wateekwa okuba nga ekimu ku byo kituufu, oba ssi ekyo nga ku byombi tekuli kituufu. Kale tugenda kugezaako okutunula eri Ekigambo kya Katonda, enkya ya leero, kino okusobola okukigonjoola. Mu kulaba okwange, bwe kiba kibuuzo ekikwata ku Bayibuli, ddala Bayibuli y'erina okwanukulwa kwakyo.

10 Kale kaakati nga tetunnakwata ku bino, nga tetunnatandika ku ssomo lino, manyanga, nga tetunnasabira Kigambo mukisa, nnandyagadde okubategeeza mwenna, nti nze...nnaddala mmwe Abakristaayo, nti njagala...nja—njagala munsabire enkya ya leero. Nammwe mwenna eyo abawuliriza be ssiraba enkya ya leero, munsabire, kubanga njagala mbeere mwesimbu era mbeere wa mazima.

11 Kati tukitegeera nti, mu kwogera ebigambo bino, omuntu, ne bw'aba omu bw'ati, aba ajja kukinywererako ddala nga bw'asobola nga kiringa kye yeekutteko wakati w'obulamu n'okufa. Waliwo bangi ku mmwe abanaava wano nga mukkiriza. Weewaawo, bangi ku mmwe, oba oli awo, temujja kukkiriza. Naye mmanyi nti, mu buweereza bwange, waliwo abantu abajja okumpuliriza, n'okuwuliriza bye njogera; nga bava, weewaawo, batudde wano enkya ya leero, nga bava mu mawanga ag'enjawulo, bava mu bitundu by'Amerika bingi eby'enjawulo, Canada, n'emitala w'amayanja. Kale muli osobola okukubamu akafaananyi okuzitoowererwa kwenkana wa kwe kikuteekako, okukitegeera nti omuntu oyo gy'agenda okukomekkereza Emirembe egitaggwaawo kiri mu mikono gyo, kubanga agenda kwekwata ku by'oyogera. N'olw'ekyo Katonda alikinnyanukulizisa, kale kino njagala nkyogereko mu bwesimbu bwonna nga bwe nsobola.

12 Kati nsa—nsaba bannyinaze. N'ebimu ku bigambo byange nnabikyusizza nsobole okubyogera nga weebali. Billy mu nsawo ye, enkya ya leero, wali w'ali, alinamu ebintu ebyabadde bitasoboka kwogerwa mu maaso g'aba—g'abantu ab'ekintabuli. N'ebimu oba oli awo bye nnaayogera, mulina okuntegeera. Mubitwale nga ebiva ewa—ewa muganda wammwe, okusinziira ku bwe mmanyi. Osobola okutuula mu woofiisi y'omusawo n'omuwuliriza, kiyinza okumwetaagisa okukubawo ebigambo butereevu nga bwe biri. Ate abamu ku mmwe abavubuka abawala n'abalenzi, ssaagala mufune kifaananyi kibi. Njagala mukkirize, era mukkalire. Mujjukire nti, Amazima gateekwa okwogerwa nga Amazima.

13 Era, kati, tewali kubuusabuusa waliwo bangi ku mmwe abatajja kukkiriziganya na bigenda kwogerwa, naye njagala mbibakakase nga nkozesa Bayibuli. Era nzikiriza nti, bwe muneewombeeka ne muwuliriza, awo mujja kufuna entegeera entangaavu n'okumanya kw'ekyo kye mbaddenga nkuba, ebbanga lino lyonna. Nzikiriza nti kino kijja kukinnyonnyola, era nneesize nti kijja kukikola.

14 Kati tuyinza okulwawokko, okumala essaawa emu n'ekitundu, oba n'okusingawo, nga tuli ku kino. Ssimanyi bbanga lye kinaatwala.

15 Kaakati nate era, nnandyagadde okwogera nti, mu kiseera kino, nga, okimanyi nti abantu beekwata ku bigambo byo;

beekwata ku bigambo, by'omusumba waabwe. Ate, mu butuufu, nange mbadde musumba.

16 Era beekwata ku bigambo by'omusumba, nga biringa nti bye beekutteko wakati w'okufa n'obulamu. Beekwata ku bigambo bya kabona waabwe, nga biringa nti bye beekutteko wakati w'okufa n'obulamu. Ate nga mu butuufu, n'omusumba, oba oli awo mu byonna by'aba amanyi, abeera ayigiriza abantu be mu ngeri yennyini gye yayigirizibwamu mu ttendekero ly'eby'eddiini; nkakasa ne kabona naye, bw'atyo, mu madiini ago ag'enjawulo agalina bakabona. Okutwaliza awamu, omusumba ddala aba kabona; aba mutangirizi. N'olw'ekyo, ssinga kabona, mu ebyo byonna by'aba yayigirizibwa, mu ttendekero ly'eby'eddiini ne mu bigo, omusajja oyo mu bwesimbu obw'ekitalo abeera ayogera ekyo kyennyini kye yayigirizibwa.

17 Naye, kati, nze ssirina kutendekebwa kwonna kwa ttendekero lya bya ddiini lyonna wadde okuba nti nnali mbaddeko mu kigo, ate ssibirinaako nsonga yonna, naye nnina obulamu obutali bwa bulijjo.

18 Nnayitibwa nkyali kalenzi kato. Era mu kuyitibwa kuno mwalimu akabonero akampeebwa akalabika n'amaaso, wamu n'eddoboozi eriwulikika, a—ak'Empagi ey'Omuliro nga erengejjera mu kisaka, nga ndi wa myaka musanvu, wano wennyini ku Utika Pike. Kitange yali akolera Mw. O. H. Wathen eyaakafa gye buvuddeko katono. Era n'ekitabo mwali mukisomyeko, ebyo byonna mubimanyi. Kati okuva mu kiseera ekyo . . . Emmanga eri ku mugga n'eryoka erabika mu lwatu eri abantu. We njogerera ekifaananyi kyayo kyakakubwa, emirundi mingi ddala, era kitimbiddwa mu Washington, DC, nga ekifaananyi ekiriko obwa nnannyini, mu Tterekero ly'Ebifaananyi by'Eddiini, nga Ekintu kyokka ekisukkulumye eby'obutonde ekyali kikakasiddwa okuyita mu ssaayansi okuba nga kyakubwa ekifaananyi ne kkamera; Empagi y'Omuliro y'emu, mu ndabika y'emu yennyini ne mu buli ngeri yonna, eyo eyafulumyayo Isiraeri okuva e Misiri. Nzikiriza nti ye Yesu Kristo mu nkula ey'Omwoyo, mu nkula ya Katonda nga Omwana.

19 Kubanga yali ayitibwa "Omwana w'omuntu" bwe yajja omulundi ogwasooka, mu kiseera kino ayitibwa "Omwana wa Katonda," mu kufuga okw'emyaka Olukumi aliba ayitibwa "Omwana wa Dawudi." Yajja nga Omwana w'omuntu, nga Nnabbi, nga bwe kyamwogerwako; kaakano Ye Mwana wa Katonda, mu nkula esukkulumye eby'obutonde; ate mu kufuga kw'emyaka Olukumi okukulu okugenda okujja, aliba Mwana wa Dawudi, nga atudde ku nnamulondo ya Dawudi. Nga abasomi ba Bayibuli bonna bwe bakimanyi nti ekyo kisuubizo kya Katonda Ekitukuvu, eri Dawudi, Aliyimusa Omwana we okutuula ku nnamulondo ye.

20 Kale kati mu buweereza obutali bwa bulijjo, obw'enkukunala mpitiddwa amannya aga buli kika okuviira ddala ku "Katonda" okutuuka ku "ssetaani." Ate ekyo kyo, bulijjo bwe kityo bwe kiri.

21 Ky'ekyo ssaabalabirizi ono ow'ekleziya Katolika kye yaŋŋamba ekiro kya luli emmanga eri, mu kukubaganya ebirowoozo okwaliwo, bwe yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, Yokaana Omubatiza yeeyoleka butereevu mu Byawandiikibwa, nga bwe kyayogerwa nnabbi Isaaya." N'agamba nti, "Obuweereza bwo bweyoleka lwatu mu Kkanisa." N'agamba nti, "Abaluzalaani bali mu Bayibuli." N'agamba nti, "Abaluzalaani baali bamanyi Luther. Abagoberezi ba Wesley bamanyi Wesley. Naye Abapentekoote bo bali batya?" N'agamba nti, "Babungeeta bubungeesi. Tebamanyi wa kulaga."

Ne ŋŋamba nti, "Ssebo, ekyo nkisiima."

22 Era kyali mu kaseera ako Omwoyo we yakkira ku mukyala omu, eyali tandabangako, mukazi we. . .n'ayogera ebintu byennyini bye bimu.

23 Kati, mu bwesimbu, nga tetunnatandika ku Bubaka buno njogera enkya ya leero nti, ssimanyi. Nnamugamba, ne ŋŋamba nti, "Ssebo, nze ekyo ssiyinza kukyogera. Ekyo kintu kinene nnyo okwogera. Kirabika bwe kiri."

24 Kye mmanyi kiri kimu, nti waliwo ekibaddewo, mazima ddala. Ebintu bino byonna, ebizze, bikakasibwa ssaayansi, ne bikakasibwa wonna okwetooloola ensi yonna, tebiyinza kuba nfumo bufumo. Ge Mazima gennyini. Kiki? Leka njogere, kaati, nga ssinnaba kwogera gye muli enkya ya leero, ssimanyi. Era ssisobola kwetantala kubaako kye nkola okutuusa nga mmaze okuwulira okuva eri Oyo ayogeddenga nange okuviira ddala emabega era n'ambuulira ebintu bino.

25 Mujjukire nti, Mukama waffe Yesu Kristo teyeeyitako Mwana wa Katonda. Yagamba bugambi nti, "Ggwe ogambye nti kyendi; eyo ye nsonga lwaki nnazaalibwa," n'ebirala, naye Ye teyakyeyitako.

26 Era, kati, eyo ye yali Empagi y'Omuliro eyakulembera abaana ba Isiraeri, yali Mukama waffe Yesu Kristo mu nkula ey'Omwoyo, (ekyo mukikkiriza?), ye Logos eyo eyava mu Katonda. [Ekibiina ne kigamba nti, "Amiina."—Omuk.]

27 Era kati bwe yali ku nsi, yagamba nti, "Nnava eri Katonda, era ŋŋenda eri Katonda." Ekyo ffenna tukimanyi.

28 Kati oluvannyuma lw'okufa Kwe, okuziikibwa, n'okuzuukira: Sawulo ow'e Taluso yali mu lugendo lwe nga agenda Damasiko, okuyigganya aba—Abakristayo, olw'okuba baali bayigiriza ebintu ebikontana n'ebyo bo bye baali baayigirizibwa. Ate yali mulwanyi nnamige; wansi wa Gamalyeri, omu ku bayigiriza abatutumufu ab'ebiro ebyo, mu

ttendekero lyabwe, mu kigo kyabwe; nga musajja wa maanyi, era omu ku baddukanya ekkanisa. Era kyali eyo Ekitangaala eky'amaanyi, Empagi y'Omuliro nate, gye yamukubira n'agwa wansi, emisana ttuku. Era Eddoboozi ne ligamba nti, "Sawulo, Sawulo, lwaki onjigganya?"

29 Kati bwe weetegereza mu kaseera ako Pawulo, Sawulo, bwe yasituka wansi, yagamba nti, "Mukama wange, Ggwe Ani?" Kati, omuvubuka oyo, engeri gye yali Omuyudaaya, yali tasobola kumala gayita kintu kyonna atyo, okujjako nga kirina engeri gye kyolekamu Katonda, teyandikiyise "Mukama." N'olw'ekyo, Eyo yali Mpagi y'Omuliro y'emu.

30 Nga Yesu bwe yagamba nti, "ŋŋenda eri Katonda. Nnava eri Katonda, era nzirayo eri Katonda."

31 Wuuyo awo, nga azzeeyo mu nkula ey'Empagi y'Omuliro nate; N'agamba nti, "Nze Yesu gw'oyigganya; era kizibu ggwe okusamba ku miwunda."

32 Era tukiraba nti Omutume Peetero, eyaweebwa ebisumuluzo okuzimba Ekkanisa, tulaba nti yali mu kkomera, era Empagi y'Omuliro eno y'emu n'eyita mu mitayimbwa, n'eggula enzigi z'ekkomera, n'efulumya Peetero, mu ngeri y'ekyewuunyo, awatali na kutaataaganya mukuumi. Ku lwange, Oyo ye Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

33 N'ekirala ekintu kyonna bulijjo okitegeerera ku nkula yakyo. Buli kintu kitegeererwa ku nkula yakyo, ku bibala bye kibala. Era mbasaba mwetegereze ekika ky'ekibala bye kibala, Ekitangaala kino nga ye Katonda, kubanga bulijjo kiddayo ku Kigambo kya Katonda, ne kikakasa Ekigambo kya Katonda okuba ekituufu, ne kibuulira Kigambo kya Katonda, ne Katonda n'akakasiza ddala Ekigambo ekyo mu maaso gammwe. Wateekwa okuba nga waliwo ekintu ekiri emabega Waakyo.

34 Abantu bampise nnabbi. Nze sseeyita nnabbi, kubanga ekyo siyinza kwetantala kukyogera, naye nni. . . Ka ŋŋambe, kino kye nsobola okwogera, nti Mukama ansobozesezza okulabanga ebintu nga tebinnabaawo, ne njogera ebintu ebyali bibaddewo, ebiribaawo, n'ebigenda mu maaso, era tewali yadde omulundi n'ogumu lwe byali biremye okutuukirira, mu mirundi emitwalo n'emitwalo. Buli kintu kye yagamba nti kigenda kubaawo, kituukiriddenga. Ekyo ffenna tukimanyi. Bwe waba waliwo omuntu yenna mu bantu abampuliriza be ndabako enkya ya leero, oba awantu awalala wonna, asobola okugamba nti waliwo omulundi lwe kitaatuukirira, oli wa ddembe okuyimirira n'okyogera. Naye bwe kiba nga buli omu akimanyi nti buli gumu, ku mirundi egyo enkumi n'enkumi, kibaddenga kituufu ddala, mugambe nti, "amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina!"—Omuk.] Mukiraba? Bwe kityo bwe kibadde n'okwetooloola ensi yonna.

35 Waliwo ekintu ekinaatera okubaawo. Katonda tamala gasindika bintu bino awatali kigendererwa mabega waabyo.

36 Waliwo kye mbadde ndowooza wano. Nnakitadde wano, kimu ku bye nnawandiise. Nti enkya ya leero essaati gye nnyambadde, amapeesa gaayo . . . Era bangi ku mmwe mwali muwulidde ku muzannyi wa firimu ono ayitibwa, Jane Russell, nnyina Mupentekoote; era Danny Henry kizibwe we, ye kizibwe we asooka, mwana wa maama we omuto. Yali Mubaputisiti. Yali ayimiridde mu lukuŋŋaana, mu lukuŋŋaana lw'Abasajja Abasuubuzi mu Los Angeles, California, emyaka ebiri egiyise.

37 Era nnali nnaakamaliriza okwogera ku bigambo ebikulu, eby'amaanyi, ebikakali, okutuusa nti n'omulabirizi, omu ku balabirizi abakulu ab'enzikiriza ya Assemblies of God, yakka n'ajja wansi ku kituuti okuva ku mwaliiro gwa waggulu gye yali atudde, n'agamba nti, "Ssikkiriza nti Ow'oluganda Branham ekyo ky'abadde ategeeza."

38 Ne ŋŋamba nti, "Nteekwa okuba nga nkitegeeza, ssebo. Kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Era, ekyo kyali kikwata ku kkanisa mu mulembe guno.

39 Mu kiseera kye kimu ekyo, omuvubuka ono omusuubuzi . . . Muganda we ali . . . yali awo nga akwata bifaananyi bya tereviizoni ku olwo ku makya, muganda we omulala ye—ye nnampala w'eby'enguudo mu ssaza ly'e California. Danny Henry n'atambula n'ajja mu maaso nga olukuŋŋaana luwedde, ku kituuti, *bw'ati*, abasajja bonna we baali batudde, n'asembera angwe mu kifuba. N'ayogera ebigambo bino nti, "Ow'oluganda Branham, ka nsuubire nti kino tekiiwulikike nga ekivvoola, naye," n'agamba nti, "ekyo kiyinza okufuulibwa essuula ey'a 23 ey'Okubikkulirwa." Nga ate, mulimu essuula abiri-mu-bbiri zokka mu Kubikkulirwa. N'agamba nti, "Ka nsuubire nti kino tekiiwulikike nga ekivvoola." Yali y'akamala ati okukyogera . . . Kati, omuvubuka yali Mubaputisiti, nga talina ky'amanyi ku bintu bisukkulumye maanyi ga butonde. Nga akyampambaatidde, yatandika okwogera mu lulimi olutamanyiddwa.

40 Era bwe yamaliriza okwogera mu lulimi olutamanyiddwa, waaliwo o—omukazi omunene, omuddugavu eyali atudde awo mu maaso gange, n'asituka, n'agamba nti, "Ebyo tebyetaaga kuvvuunulwa kwonna." N'agamba nti, "Nze nviira Shreveport, Louisiana, manyanga, Baton Rouge, Louisiana." N'agamba nti, "Olwo Lufalansa lwennyini."

41 Victor Le Doux, omusajja Omufalansa, naye yali atudde awo waggulu, n'agamba nti, "Kituufu, ndi Mufalansa, era olwo lubadde Lufalansa lwennyini."

42 Ne ŋŋamba nti, "Lindako katono. *Ggwe* wandiika by'ayogedde, *naawe* wandiika by'ayogedde, nga temunnabaako kye mwogera. Muwandiike bye mugamba, tubitunulemu

mwembi bye munaaba muwandiise." Awo omu n'awandiika, n'omulala naye n'awandiika, byombi nga tewali we byawukanako n'obubonero bwennyini nga bwe bumu.

43 Mu kaseera ako kennyini, nga baleese bye bawandiise, omuvubuka omuto alabika obulungi, ow'enviiri eza katakketakke n'asembera okuva emabega. Eri, waali wajjudde nga talina w'atuula; yali ayimiridde buyimirizi emabega eri. N'ajja nga bw'asembera, n'agamba nti, "Mulindeeko katono, njagala kuteekako akapapula, nange." N'agamba nti, "Nze muvvuunuzi w'Olufalansa mu kibiina kya U.N., Ekibiina ky'Amawanga Amagatte." N'agamba nti, "Nnandyagadde okuwaayo akapapula kange."

44 Era, wano, obupapula bwonsatule nga bwogera kye kimu, obw'Olufalansa. Era busoma bwe buti. Bino bye biri byennyini ebyawandiikibwa ku bupapula, nga tebikyusiddwamu. Kano ke ka Danny, ye kennyini, kali ke yagenda nako mu nsawo ye. Naye weewaawo, byafulumira mu katabo k'Abasajja Abakristayo Abasuubuzi, n'awalala.

> *Kubanga olonzeewo ekkubo effunda, ekkubo erisingako obuzibu; era otambulidde mu ekyo kye weeronderawo.*
>
> *Olonzeewo okusalawo okutuufu era okukakafu ddala, era lye Kkubo Lyange.*
>
> *Olw'okusalawo kuno okukulu, empeera ennene ey'Eggulu ekulindiridde.*
>
> *Nga kusalawo kwa kitiibwa kw'okoze!*
>
> *Mu kuno kwennyini mwe mugenda okuva n'okutuukirira kw'obuwanguzi obw'ekitalo mu kwagala kwa Katonda.*

45 Kati, omusajja yassaako omukono gwe wano. "Ebigambo ebyo waggulu byavvuunulwa . . . ebyayogerwa Danny Henry nga biragulwa ku W'oluganda Branham, ne bikakasibwa abajulizi ba mirundi esatu mu wooteeri emu mu Los Angeles, California."

46 Kati, omuvubuka y'omu ono eyawa obunnabbi buno, nga tamanyi na bye yali ayogera, yaliko mu Yerusaalemi omwezi nga gumu gye buvuddeko. Yafuna omukisa okugendako n'a—n'agalamirako mu ntaana Yesu bwe yafa mwe yaziikibwa. Era bwe yali omwo nga agalamidde, yagamba nti nnamuggyira mu birowoozo bye n'okuzitoowerewa okw'amaanyi n'atandika okukaaba. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham nga kimubeeredde kizibu nnyo ddala okuyimirira okweŋŋanga ensi yonna n'ebintu bino, n'amakanisa gonna!"

47 Kiringa bwe—bwe kyayogerwako olumu ku omu, ku bya Billy Graham, nga bagamba nti, "Billy Graham tusobola okumulaba, kubanga amakanisa gonna geegasse wamu ku lulwe. Tulaba Oral Roberts, Abapentekoote. Naye tuyinza tutya

okukwatagana n'ekintu, nga kikontana n'ebintu abantu bye bayigiriziddwa?" Aba Kataonda.

48 Kati, Danny, ky'asinga okunyumirwa, kwe kuwoola ebintu mu buyinja. Bw'atyo yagenda eri Omusaalaba gye gwasimbibwa, awagambibwa okuba nti Omusaalaba we gwasimbibwa mu lwazi. Tewaali muntu yenna, bw'atyo n'amegulako akayinja n'akateeka mu nsawo ye nga ekijjukizo, n'akomawo eka n'ankoleramu amapeesa agatatungirwa ku ssaati. Kyokka, ekyewuunyisa, bwe yagakola, gaalabika nga agaliko amatondo g'omusaayi. Era mu buli limu ku go, munda muli, mwalimu akakoloboze, akafunda ddala akayitamu munda waago. Kati ekyo kiyinza okuba nga ki. . . Labayo, omuntu omulala ayinza obutakalaba, naye ku lwange ekyo kikwatagana n'ebintu bye nzikiriza. Nzikiriza nti buli kimu kirina kye kitegeeza.

49 Kaakano, mu kiseera kino, kyonna Mukama ky'a. . . Kino bwe kiba nga si kye kintu kye yalagulako, mu Malaki 4 ne mu Lukka 17, ne mu Byawandiikibwa ebirala bingi eky'okutuukirira mu nnaku zino ezisembayo, ka njogere bwenti nga mmaliriza, nti omuntu oyo kimuteereddewo omusingi bw'alijja. Kale ndi musanyufu nnyo okuba nti Katonda Omuyinza wa byonna, bwe kiba bwe kityo, ampadde okubaako akatono ke nkola, mu mbeera yange ey'okuba nga ssaasoma, okulaga okusiima kwange olw'okwagala Kwe gyendi, okwagala kwange gy'Ali, n'okwagala kwaffe eri abantu.

50 N'olw'ekyo, mu bwesimbu, ntandika ku ky'okuyigako kino eky'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana*. Nsaba Katonda atukwatirwe ekisa ffenna.

51 Kale kati muwulirize bulungi. Ate, bannyinaze, temusituka ne mufuluma; mutuule mukkalire okumala akaseera katono ddala. Ab'oluganda, nammwe mukole kye kimu. Ebyuma byammwe temubiggyaako abali eyo, abayungiddwa wano ku mukutu guno. Temukikola ekyo. Mutuule mukkalire okumala eddakiika ntono nnyo, okutuusa lwe kinnagwa. Wuliriza bulungi. Bw'oba tokkiriziganya nakyo, wandiika Ebyawandiikibwa bye mba nkozesezza, oluvannyuma weeyongere okubyekeneenya mu kusaba nga tonnakola kusalawo kwo.

Katonda, tuyambe nga tugezaako okutandika eky'okuyigako kino.

52 Kaakati, kiyinza okuba ekiwanvuko. Ssaagala mube mu kwanguyiriza. Tuleme kupapa, ffenna, naye tusome Ekigambo kya Katonda, mu mazima gaakyo era tukyekkaanye, nga bwe tusobola okukyekkaanya.

53 Leka tutandike n'enjiri y'Omutukuvu Matayo, essuula ey'e 19. N'okutandikira, ndowooza, ku lunyiriri olw'o 8 olw'essuula ey'e 19, we njagala okutandikira. Nnyinza n'okutandikira ku

1, ne nsoma nga nzikirira wansi okutuuka ku lunyiriri olw'o 8 olw'essuula ey'e 19.

54 Kati, mujjukire nti ebintu bino bye njogera biteekwa okuba nga biva mu Kigambo kya Katonda. Tebisobola kuba ndowooza yange ku bwange, kubanga endowooza yange eringa endowooza y'omuntu omulala yenna. Wabula birina okuba nga bitambulira ku ntegeka y'Ekigambo kya Katonda. Mujjukire nti, ebintu byonna Katonda abikola nga bikwatagana. Takyuka. Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Y'omu.

55 Kati ka nsome okuva mu ssuula ey'e 19.

> *Awo olwatuuka Yesu bwe yamala ebigambo ebyo, n'ava e Galiraaya, n'ajja ku mbibi z'e Buyudaaya emitala wa Yoludaani;*
>
> *Ebibiina ebinene ne bimugoberera; n'abawonyeza eyo . . .*
>
> *Abafalisaayo nabo ne bajja gy'ali, okumukema, . . .*

56 Nsiriikiriddemu awo musobole okwekkaanya baani abaali bamukema.

> *. . . nga bagamba nti, Omuntu ayinza okugoba mukazi we okumulanga buli kigambo?*
>
> *N'abagamba nti, Temusoma nti, oyo eyabakola mu lubereberye nga yabakola omusajja n'omukazi?*
>
> *N'agamba nti, Omuntu ky'anaavanga aleka kitaawe . . . nnyina, yeetabe ne mukazi we; nabo bombi banaabanga omubiri gumu?*
>
> N'olwekyo *tebakyali babiri nate, naye omubiri gumu. Kale Katonda kye yagatta awamu, omuntu takyawulangamu.*
>
> *Ne bamugamba nti, Kale Musa ekyamulagiza ki okumuwa ebbaluwa ey'okwawukana, alyoke . . . amugobe?*
>
> *N'abagamba nti, Olw'obukakanyavu bw'emitima gyammwe Musa kye yava akkiriza mugobenga bakazi bammwe: naye okuva ku lubereberye tekyali bwe kityo.*
>
> Kati, Katonda, atuyambe.

57 Ekyawandiikibwa kino, ekibuuzo kino, Yesu kyamusimbibwa ku ntandikwa y'obuweereza Bwe yennyini. Ne Musa naye kyamusimbibwa ku ntandikwa y'obuweereza bwe. Kibuuzo kya ku mwanjo mu mitima gy'abakkiriza. Omwonoonyi ye teyeefiirayo. Wabula kiri eri bakkiriza, kubanga omukkiriza y'agezaako okukola kyonna ky'amanyi okulaba nti atambula bulungi mu maaso ga Katonda. N'olw'ekyo, ekibuuzo kyonna bwe kijja nga kikwata ku bya ddiini, n'ensonga ekwata ku *Kufumbiriganwa n'Okwawukana* awo w'ejjira.

Lwaki? Kubanga ekyo kye kyavaako ekibi ekyasooka. Awo okwonoona we kwatandikira. Era eyo ye nsonga lwaki buli kaseera kikomezebwawo, kubanga ye ntandikwa yennyini ey'okwonoona.

58 Kati ssijja kuba na budde kusobola kunnyonnyola bintu bino byonna, naye nja kusanyuka okwanukula ebbaluwa yo oba ekintu kyonna kye nsobola. Oba, tulina ebitabo ebyawandiikibwa ku nsonga eyo, n'ebibuuzo bingi, wamu n'okunokola okwasalibwa mu mpapula z'amawulire n'ebintu ebirala wano, okukakasa kino, tukimanyi nti yali Kaawa (Ekibala kya apo ekigambibwa okuba nti kye yalya, tekiri na mu Byawandiikibwa, kati bagamba mbu yali apulikooti; tekyali n'ekimu kw'ebyo.), yagwa mu bwenzi, ekyo kye kyavaako okuzaalibwa kw'omwana eyasooka, eyali Kayini, omwana wa Ssetaani yennyini, kubanga mu ye mwe mwali obubi. Tebwajja kuyita mu Abeeri. Omwana wa Ssetaani yali Kayini.

59 Mmanyi kye weebuuza kati nti, "Kaawa yagamba nti, 'mpeereddwa omusajja okuva eri Mukama.'" Ekyo kituufu ddala.

60 Ne bw'oddira omukazi asingayo okuba omwonoonefu mu kibuga, n'omusajja asingayo obubi; ne bazaala omwana, omwana oyo aba avudde eri Mukama, kubanga Katonda alina amateeka ge yateekawo. Era amateeka gano, okugeza nga enjuba okuvaayo; ggwe simba ekikwatandiga mu nnimiro ennungi, kijja kumera. Ate kiteekwa okumera kubanga eryo tteeka lya Katonda. Ensigo bw'esigibwa, eteekwa okumera. Era tewali kisobola kukuza bulamu okuggyako Katonda, kubanga bukolera wansi wa mateeka Ge. N'olw'ekyo ensigo embi bwe yasigibwa mu nda ya—ya Kaawa, yalina okuzaala, kubanga lye tteeka lya Katonda ery'ebintu okwezaala. Kale lyali terisobola kukola kirala kyonna okuggyako okugiggyayo, era yalina kuva eri Katonda.

61 Ye nsonga lwaki abantu bagamba nti, "Abaana abato," oluusi, "ababeera bazaaliddwa abazadde abatali Bakristayo, mbu baakubula."

62 Omusaayi gwa Yesu Kristo gutangirira omwana oyo, ssifaayo oba yazaalibwa atya era yazaalibwa mu kibi kyenkana wa. Ye Mwana gw'Endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi. Omwana omuto tasobola kwenenya, kubanga talina kimwetaagisa kwenenya, kiri kye kyali ekibi ky'ensi ekyajjibwawo Omusaayi gwa Kristo. Abaana abato bagenda mu Ggulu.

63 Kye kibi ekyasooka, era eyo ye nsonga lwaki ki—kibuuzibwabuuzibwa. Bwe wabaawo ekintu kyonna ekiwuniikiriza ennyo okuva eri Katonda, ekibuuzo ekisooka kiba nti: "Byo ebikwata ku kufumbiriganwa n'okwawukana biri bitya?" Kati, nga bwe kyali okuva edda, ne leero abantu

bakyakyebuuza. Nga bwe kyali mu biro bya Yesu, nga bwe kyali mu biro bya Musa, bwe kityo bwe kibaddenga, era n'okutuusa leero, kikyali kibuuzo mu mitima gy'abantu, kubanga baagala kutegeera Amazima ge gali wa.

64 Naye awabeera ekibuuzo, wateekwa okubeerawo okwanukulwa. Era kati bwe kuba kwanukulwa, nga bwe nnayogedde gye buvuddeko, mu wiiki eno, wateekwa okubaawo okwanukulwa okutuufu. Era ssinga tufuna okwanukulwa ku kintu kyonna, naye nga—nga ssi kutuufu, tukitegeera nti kubadde kukyamu. Naye era, ojja kusigala nga obuuza okutuusa nga ekibuuzo ekituufu kyanukuddwa, bw'oba nga ddala oyagala okumanya Amazima. Era kino nga bwe kiri nti kibuuzo ekikwata ku Bayibuli, n'okwanukulwa kwaakyo kulina kuva mu Bayibuli.

65 Kiringa bwe ntera okugamba nti, ssinga mbadde njagala okugenda ebuvanjuba enkya ya leero, okusinziira kw'ekyo kye mmanyi, nga waliwo ekintu kye nnoonya mu nnimiro, era nga kiri mu buvanjuba wennyini, ne njolekera ebuvanjuba. Kati ssinga wabaawo aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, *eno* ye buvanjuba." Weewaawo wabeera buvanjuba, mu kugeraageranya, wabula buba bukiikakkono bwa buvanjuba. Ekintu kiri kye mbadde nnoonya nnandikiyiseeko; era nnandikomyewo, nga nkimanyi nti nnakutte wakyamu. Kati ate omulala bwe yandiŋŋambye nti, "Ow'oluganda Branham, kwata ludda *eno*, ku mukono gwo ogwa ddyo." Kati, mu kugeraageranya eyo waba mu buvanjuba, nayo, wabula buba bukiikaddyo bwa buvanjuba. Ekintu kiri kye mbadde nnoonya era ssandikirabye, kubanga nnawabye okuva ku nsalo z'endagiriro entuufu era entereevu.

66 Kati, ekyo bwe kiba nga bwe kityo bwe kiri, tulina endowooza za bika bibiri ku *Kufumbiriganwa n'Okwawukana*. Era ze zino, emu egamba, nti, "Omusajja asobola okuwasa omulundi gumu gwokka, okuggyako nga mukyala we afudde." Era ekyo kye kimu ku bibuuzo, naye, bw'ogoberera ekyo, ova ku mulamwa. Kaakati ate ey'okubiri yo egamba nti, "Ha, omukazi oba omusajja, omu ku bo, bw'ayenda, omu ku babiri asobola okugobwa n'addamu n'afumbirwa oba n'awasa omulala." Ekyo nakyo weesanga ovudde ku mulamwa.

67 N'olwekyo, mukiraba, si bukiikaddyo bwa buvanjuba oba bukiikakkono bwa buvanjuba; twagala kuteebera mu buvanjuba bwennyini. Bw'odda *eno* obeera bweru wa Byawandiikibwa, bw'odda *eri* obeera bweru wa Byawandiikibwa. Twagala kumanya wa Ekyawandiikibwa we kikwaataganira n'Ekyawandiikibwa, era tutegeere Amazima gaakyo gennyini. Buli emu ekwata kkubo lya njawulo, n'eremwa okujjayo eky'okuddamu ekituufu, naye era wateekwa okubaawo eky'okuddamu.

68 Kiri nga, ennaku zino, waliwo endowooza bbiri ez'amaanyi ku by'enjigiriza mu kkanisa; emu ku zo ye y'Ekikaluvini, ate endala ye y'Ekirum-. . . y'Ekiruminiya.Emu ku zo etambulira ku mateeka ate endala etambulira ku kisa. Era twagenda okukizuula nga abantu abakkiririza mu kisa, Abakaluvini, bo bagamba mbu, "Katonda yeebazibwe, nze tekinkola kabi okunywa ssigala. Tekinkola kabi okunywa omwenge. Bino nsobola okubikola, ndiko Obukuumi obw'emirembe egitaggwaawo." Ate ne tusanga ku ludda luli olulala, olutambulira ku mateeka, nga bo bagamba nti, "Ha, nnandimmugugumbudde, nnandimulaze akanfaamu, naye, lwa kuba ndi Mukristaayo, nnina okwefuga." Olaba, weesanga wakati w'amakubo abiri ag'enjawulo, ate nga ku gombi tekuli ttuufu. Kati, ekyo kizibu okwogera, naye ge mazima.

69 Twesanga tuli wakati w'amakubo abiri ag'enjawulo; erimu, nga likwata walala; n'eddala, walala. Kaakati leka tulabe Amazima ge galiwa.

70 Kati wuliriza, olabe oba nga kino kikola amakulu gy'oli. Tugeze, ssinga mba nneetegeka okugenda emitala w'amayanja, kati wano ŋŋenda kugereza ku ba mu maka gange, nja kuyita mukyala wange ajje wendi, ŋŋambe nti, "Tuge-. . . ŋŋenda mitala w'amayanja, mukwano." Kati oludda olutambulira ku mateeka luuluno, "Kaakati, mukyala, ŋŋenda kukuteerawo etteeka ery'okugoberera! Ssinga ozannyazannya n'omusajja yenna mu ngeri ey'ekikaba nga ŋŋenze, we nkomerawo nja kukugoberawo. Ssaagala weemoolemoole, ssaagala ozannyezannye na basajja mu ngeri ya kikaba! Okitegedde? Nze balo! Bw'ogeza n'okikola, we nkomerawo ŋŋenda kukugoba."

71 Awo naye n'ajja n'ankwata ettaayi, n'agamba nti, "Mwami wange omulungi, nnina kye njagala okukubuulira, olaba, olaba, ssinga okuba omukazi yenna oluuso, oba n'otambulako n'omukazi yenna, oba n'ozannyiikiriza omukazi yenna mu ngeri ey'ekikaba, nja kuba nnanobye dda w'onaddira." Kati, amaka bwe gatyo tegandibadde masanyufu? Abo be batambulira ku mateeka. Kale.

72 Kati, oludda luli olulala luli bwe luti, nti bwe ŋŋenda emitala w'amayanja ne nkola ensobi. . . Ne ŋŋenda ŋŋamba nti, "Kaakati, labayo, ka ntambuleko n'omukazi *ono*. Ha, mukyala wange takirinaako mutawaana, tafaayo ne bwe nkikola." Ne mukyala wange n'agamba nti, "Ka ntambulemukko n'omusajja *ono*. Bill takirinaako mutawaana, tafaayo ne bwe nkikola." Bwe mba ssifaayo, mbaako ekikyamu; okwagala kwange eri omukazi oyo kuba kubulako kinene nnyo. Era naye bw'aba tafaayo, abaako ekikyamu. Mukyala wange; ssaagala musajja mulala kumuzannyirako. Mukyala *wange*.

73 Kaakati, engeri yaakyo entuufu, eri nti, embeera zombi zirimukko ku mazima, wabula nga si ge Mazima amajjuvu.

74 Kati bwe ŋŋenda emitala w'amayanja, okukikola obulungi, ab'ennyumba yange bakuŋŋaana, fenna ne tusabiragana. Ne mbakwasa Katonda, nabo ne bankwasa Katonda. Era bwe tumala, nga tugenda emitala w'amayanja . . . nga ŋŋenda emitala w'amayanja. Kati, mmanyi nti anjagala; era mmweesiga. Era- . . . nange mmwaagala; naye anneesiga. Kasita mba nga mmwaagala bwe ntyo, teyeeraliikirira nti nnaatambulako n'omukazi omulala. Kasita aba nga anjagalira ddala, kale, tekinneetaagisa na kubeera awo kulowooza ku musajja mulala kutambulako naye, kubanga mukyala wange ate n'ekirala mukkiririzaamu.

75 Nzikiriza, ssinga nkola ekikyamu, ne ngwa mu nsobi ne ntambulako n'omukazi omulala, oluvannyuma ne nkomawo ne nkimwenenyeza, ne mmugamba nti, "Meda, ekyo ssaagenderedde kukikola. Nnagudde bugwi mu katego; omukazi ono yanfubutukidde bufubutukizi n'a—n'ankwata omukono, n'atandika *kino-na-kiri*," nzikiriza yandibadde ategeera. Nzikiriza yandikinsonyiye. Naye ssiyinza kukikola, ka kibe kiki, kubanga mmwaagala. Wadde aba asobola okunsonyiwa, ssiyinza kukikola. Ssiyinza kumulumya, ka kibe kiki. Wadde mba mmanyi nti ajja kukinsonyiwa, saagala kumulumya.

76 Era bwe kityo bwe kiri n'eri Katonda. Oba nga . . . oba nga okwagala okuyitibwa *phileo*, nga kwe kwagala okw'obuntu, okwagala okw'okussa ekimu, bwe kuba kusobola okuleetera omusajja okuwulira bw'atyo eri mukazi we; ate kwo okwagala okuyitibwa *agapao* kwo kukoma wa, ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "okwagala kwa Katonda," okwo kuba kunandeetera kweyisa ntya eri Yesu Kristo? Nze, kasita mba nga njagala okugenda okukikola, kiri mu mutima gwange okukikola! Ne bwe kiba . . . kye ŋŋamba, kasita kiba nga kiri mu mutima gwange okukikola, ŋŋenda ne nkikola. Okukwata amateeka kujja kuntiisa okukikola, kuba mba mmanyi nti nja kubonerezebwa olw'okukikola. Naye Amazima gaakyo gennyini gali nti, weewo okwagala kwa Katonda bwe kujja mu mutima gwo n'otuuka okuba nga *oyagala* okukikola Ekyo. Ago ge Mazima gaakyo. Ezo ze ndowooza ebbiri eziyigirizibwa. Ssi kukwata mateeka oba kiri ekirala, oba eby'Ekikaluvini, wabula byombi.

77 Kati tulaba ennaku zino, n'ekirala, nti, waliwo ebibiina by'amadiini bingi. Waliwo eklezia Katolika, ekkanisa y'Abapolotesitante. Buli emu ku zo egamba mbu bo lye Kkubo, olaba, "Ffe tulina Ekkubo, ffe Mazima." Waliwo Abamesodisiti, bagamba mbu, "Ffe tulina Amazima." Ababaputisiti bagamba mbu, "Ffe tulina Amazima."

78 Kati, nze ku lwange, kasita baba nga bawulira bwe batyo, kye bagamba si bwe kiri, kubanga Yesu yagamba nti, "Nze Mazima." Okiraba?

79 N'olwekyo, nga obubaka bwange bwe nnabuulidde eggulo bwe bwabadde bugamba, nti Ye kye kifo Katonda mwe yateeka Erinnya Lye, ekifo kyokka eky'okusinzizaamu. Okubeera Omupolotesitante tekikufuula Mukristaayo. Okubeera Omukatuliki tekikufuula Mukristaayo. Okubeera Omumesodisiti, Omubaputisiti, oba Omupentekoote tekikufuula Mukristaayo. Obeera Mukristaayo lwa kuba wabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, okuyingira mu Yesu Kristo, so si na mazzi. "Waliwo Okukkiriza kumu; Mukama waffe omu; okubatiza kumu," kwe kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Okubatizibwa mu mazzi kukuyingiza mu kussa kimu n'abakkiriza. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kwe kukuyingiza mu Kristo. Ago ge Mazima.

80 Bwe kityo era tulina endowooza bbiri ku kino eky'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana*. Kaakano, nga, Mukama waffe bw'atubikkulidde ekyama ky'Ekigambo Kye eky'Obubonero Omusanvu, mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Kaakati, bangi ku mmwe, kino kiyinza okuwulikika gye muli nga Oluyonaani, naye yo ekkanisa yange ekitegeera. Ekitegeera etya? Era mubaddenga muwulira okwolesebwa n'ebizze bibaawo. Era ekibuuzo kikwata ku Bayibuli, era tuyitibwa wano okukkiriza nti wateekwa okubaawo okwanukulwa okutuufu eri ekyama kyonna ekikusike ekibadde kyakwekebwa okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi. Era ne Bayibuli ekiragulako n'egamba nti mu nnaku zino ezisembayo ebyama bino mwe biribikkulirwa ne bimanyika. Okubikkulirwa 10, "Malayika ow'omusanvu bwalifuuwa, omubaka eri Lawodiikiya, ebyama bya Katonda biribikkulwa ne bimanyika." Era guno gwe mulembe ogusembayo, nga gwe gwa Lawodiikiya.

81 Laba okudda obuggya kuno kwonna okubaddewo okumala emyaka kkumi n'etaano n'omusobyo, kyokka nga tekuzaalanga kibiina kya ddiini wadde ekimu. Luther yaleka okudda obuggya, amangu ddala ne kuvaamu ekibiina ky'eddiini; Wesley, ne watandikawo ekibiina ky'eddiini; Alexander Campbell, ne watandikawo ekibiina ky'eddiini; na bano abalala bonna ab'amaanyi . . . John Smith n'abalala, mwavaamu bibiina by'amadiini, Moody, n'okweyongerayo. Naye waliwo wano okubaddewo . . . Bulijjo okudda obuggya kumala ebbanga lya myaka nga esatu. Naye kuno kusussizza ne mu myaka ekkumi n'etaano, naye tekuzadde kibiina kya ddiini kyonna, kubanga bino bye biro by'Ensigo. Tewakyali kisusunku; ekisusunku bwe kivaako, Nsigo y'eddako.

82 Katonda mwetegefu, bw'Aba nga si ky'Akola mu kiseera kino, Agenda kukowoola Ekkanisa okuyingira mu kutuukirira nga akozesa Ekigambo Kye, Yesu Kristo. Wekkaanye, wateekwa okuba nga waliwo awali eky'okuddibwamu, era nga bwe kiri nti ekyama kya Katonda eky'Obubonero Omusanvu, Obubonero Omusanvu . . .

83 Ekyo bameka abakitegeera, muwanike emikono gyammwe. Leka tulabe. Ndowooza abasinga obungi bakkiriza baffe aba wano, muwulirize. Bwe kitaba ekyo, ebitabo bigenda kufuluma mu bwangu ddala, ebikwata ku nsonga eyo. Tulina ebitabo, ebitabo ebikwata ku Ekyo.

84 Yesu, mu kitundu kyaffe kye twasomye, atuyita okuddayo ku lubereberye, okufuna eky'okuddamu ekituufu ekiri mu Byawandiikibwa.

85 Kati, kino bwe kyamubuuzibwa, waliwo ebintu bibiri ebyali bitunuuliddwa. Bakabona baamubuuza nti, "Omusajja asobola okugoba mukazi we, n'awasa omulala, olw'ensonga yonna?"

Yesu n'addamu nti, "Tekyali bwe kityo okuva ku lubereberye."

Awo ne bagamba nti, "Musa yatukkiriza okuwandiika ebbaluwa ey'okwawukana n'omukazi, nga agobebwa olw'ensonga yonna gye baabanga baagadde okumugobera."

86 N'agamba nti, "Ekyo, Musa ekyo yakikola olwa," ekyo njagadde nkiwangaazeemukko "olw'obukakanyavu bw'emitima gyammwe; naye okuva, manya ku lubereberye bwe kityo si bwe kyali." Ekibuuzo!

87 Ekibuuzo ekiriwo ennaku zino, kifaananako n'ekyo ekikwaata ku kubaawo kw'emirembe mu nsi yonna, "Ginajja giyita mu byabufuzi, mu kutabagana kwa mawanga, nga geegasse?" Mbagamba nti, nedda. Bulijjo bibadde biremererwa, era bijja kulemererwa. Naye wasigala wakyaliwo eky'okuddamu ekituufu eri ekibuuzo ekigamba nti, "Walibaawo emirembe ku nsi?" Yee, nga ekibi kiggyiddwa ku nsi, walibaawo emirembe. Naye okutuusa ekiseera ekyo nga kituuse, tewajja kubaawo mirembe; "eggwanga liritabaala eggwanga, n'obwakabaka bulitabaala obwakabaka." Katonda ekibi yakiteerawo eddagala. Muwulirize bulungi kati. Katonda yateekawo eddagala eriggyawo ekibi ku nsi, naye omuntu eyakolebwa mu nfuufu y'ensi talikkiriza ddagala lya Katonda.

88 Katonda yatuwa eddagala n'engeri y'okuwasaamu bakyala baffe n'okubeera nabo, naye omuntu talikkiriza ddagala lya Katonda, talikkiriza Kigambo Kye ku nsonga eyo. Yesu bwati bwe yagamba. Era kino kitujjukiza e—Ebigambo Bye, nga bwe tumanyi nti yagamba nti, "Eggulu n'ensi biriremererwa, biriggwaawo, naye Ebyange tebijja."

89 Ekibuuzo, eky'okuddamu ekituufu Yesu ky'ayagala tuddeko, kwe kuddayo ku lubereberye. Olwo, ekyo kirina kuba mu kitabo kya Lubereberye, kubanga ekigambo *Lubereberye* ye ssuula ey'ensigo eri buli kibuuzo kyonna ekiri mu Bayibuli. Era bulijjo olina okuddayo ku nsigo okusobola okulaba kika kya nsigo ki ekiri mu nnimiro, okusobola okutegeera ebirime byo bwe binaafaanana. Kaakati, nsigo kika ki eyasigibwa? Olubereberye, nga bwe kiri nti ye ssuula ey'ensigo, tulina okuddayo ku

Lubereberye. Yesu atwanjulira Ekyawandiikibwa ekyo, "ku lubereberye." Kaakati, jjukira, awo ebiseera we byatandikira. Nga ekyo tekinnabaawo, waaliwo Butaggwaawo. Kati, ekibuuzo kyaffe kibadde nti, weetegereze, bwe tuddayo ku lubereberye.

90 Kaakati kino tokisubwa! Era eyo ye nsonga lwaki njagala kwogera mpolampola, kibeere nti abantu abali eyo abayungiddwa ku mukutu, wamu n'entambi bikyogere nga kiwulikika bulungi.

91 Yesu bw'aba yagamba nti, "Muddeeyo ku lubereberye," waaliwo omugogo gumu gumu eri buli kintu ekyali ku nsi. Waaliwo Adamu omu, Kaawa omu, era Katonda ye yabeegattira yekka. Embalaasi emu enkazi, n'ennume emu; enkusu enkazi emu, n'empanga emu. "Ku lubereberye," nga bwe yatugamba okuddayo, waaliwo omugogo gumu gumu ogwa buli kintu. Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Awo nno, tukiraba nti buli kintu, "ku lubereberye" kyali kitambulira mu butebenkevu era mu bumu ne Katonda, nga tewali na kimu kigootaanye.

92 Ebiri mu bwengula byonna bikyali bitebenkevu buli kimu mu kifo kyakyo; emmunyeenye zonna, ebibinja by'emmunyeenye, ensengeka y'ebyaka mu bwengula, buli kimu kitebenkedde. Ssinga wabaawo ekimu ku byo ekiseetuka, kiba kijja kugootaanya entegeka yonna.

93 Kati muwulirize. Mukiraba? Ekimu bwe kitaataaganyizibwa kitaataaganya enteekateeka yonna! Kati, olulyo lw'abantu bwe lwali lukyatambula ne Katonda, nga waliwo omusajja omu n'omukazi omu, omukazi ono yayonoona era ekyo ne kitabangula enkola y'oku nsi yonna n'eba nti tekyatambula na Katonda. N'olwekyo, ekigambo kimu bwe kigattibwa ku Kitabo kino, oba Ekigambo kimu ne kikiggyibwamu, ekyo kitabangula Omukristayo n'aba nti takyatambula ne Katonda, ekkanisa kigiggya mu kutambula ne Katonda, amaka kigaggya mu kutambula ne Katonda. Buli mukkiriza yenna asobola okukasukibwa ebweru, olw'obutakkiriza buli Kigambo kya Katonda.

94 Kale nno, omukazi ye yavaako okwawukana kw'amaka amalungi. Kerubi si ye yatabangula ensi. Adamu si ye yatabula amaka. Si kintu kirala ekyatabula amaka, ne kitabangula buli kintu okuva mu ntegeka entuufu, wabula yali mukazi, Kaawa. Era wano "olubereberye" Yesu lwe yayogerako, we lwaakutukiramu. Yesu yagamba nti, "Ku lubereberye, Katonda yakola ekisajja kimu, n'ekikazi kimu, mu buli kimu." Naye wano omukazi ono bwe ya . . . si mbalaasi enkazi, si mbwa enkazi; naye omukazi, ye yakutula okweyongerayo mu maaso kwonna okw'emirimu gya Katonda ku nsi, buli kintu n'akisuula mu kufa. Omukazi, so si omusajja, omukazi ye yamenya endagaano. Ye yamenya endagaano, kubanga (lwaki?) yalinnya ebweru w'ensalo

z'Ekigambo kya Katonda. Kaakati, nga bwe kiri nti yamenya endagaano ye ne bba, yamenya endagaano ye ne Katonda; era kati, olw'okuba yamenya endagaano ye ne Katonda, era yagimenya n'eri bba.

95 Era bw'omenya ekisuubizo kyo n'endagaano yo eri Ekigambo kya Katonda, ekyo kye kivuddeko bammemba b'ekkanisa abeeboolereze okuba abangi ennyo, kubanga akabinja k'abantu kaakuŋŋaana ne kagamba nti, "Kwo okuba, Kyali tekitegeeza *ekyo*," ekyo kiviirako ekibiina kyonna okuba nga tekikyakwatagana na Kigambo. "Ffe nno Ekyo tetukikkiriza. Dokita Jones yagamba nti si bwe kyali." Naye kasita kiba nti Katonda yagamba nti bwe kiri, Ye yagamba nti, "Leka buli kigambo kya muntu kibe obulimba, naye Ekyange gabe Amazima!" Awo kiba kikutulamu okweyongerayo mu maaso.

96 Kaakati tulaba, nga bwe kiri nti okweyongerayo okwo kwakutulwamu, kitegeeza n'omukutu ogw'Obulamu gwakutuka, n'entuuko z'ebiseera nazo ne zikutukamu, endagaano yamenyebwa, buli kimu kyasensebuka! Kyava ku ki? Ku mukazi. Oyo ye yamenya endagaano. Kati, ekyo bw'oba oyagala okukisoma, osobola okukisoma, mu Lubereberye 3.

97 Kati, awo omusajja we yafuuliibwa ow'okufuganga omukazi, okuyita mu Kigambo kya Katonda. Omukazi yali takyenkanankana na musajja. Yali yenkana naye mu butonde, ekyo mukimanyi; naye, omukazi bwe yamenya Ekigambo kya Katonda, Katonda n'afuula omusajja ow'okumufuganga. Lubereberye 3:16, bw'oba oyagala okukiwandiika. Awo omukazi yali takyenkanankana na musajja. Omukazi ye yali omumenyi w'Ekigambo kya Katonda.

98 Temukiraba nti, "omukazi," omukazi, nga ye kkanisa wansi wano? Omumenyi w'Ekigambo kya Katonda, ekyo kyamuggyira ddala mu kweyongerayo mu maaso. Era ekyo ekkanisa ky'ekoze, n'ereeta okufa okw'omwoyo ku kintu kyonna. Kati mujja kutegeera ensonga lwaki bulijjo nkuba ebintu bino bwentyo. Ge Mazima! Gano mazima ga Bayibuli agakakasiddwa.

99 Weetegereze, lwaki yakola ekintu ekifaanana bwe kiti? Omukyala oyo omwagalwa, omulungi eyenkanidde awo, ataliiko kamogo yasobola atya . . . ?

100 Lumu nnalaba ekifaananyi, nzikiriza kyali mu Buyonaani, kyali kya musiizi wa bifaananyi eyasiiga ekifaananyi kya Kaawa. Mu kifaananyi ekyo omukazi yali kintu ekisingayo okulabika obubi mu bye wali olabye. Ekyo kiraga endowooza y'omubiri engeri gy'erabamu ebintu. Naye, ekyo si kye yali; yali mulungi, kubanga yali mukazi ataliiko kamogo, nga mukazi ddala.

101 Weetegereze, lwaki yakola ekintu ekifaanana bwe kityo, nga ate yali ku ddaala lya waggulu bwe lityo? Ye

n'omusajja baali wamu, nga bombi benkana. Naye ffenna tukimanyi kati nti yafiirwa omwenkanonkano gwe yalina n'omusajja, bwe yayonoona, era Katonda n'agamba nti, "Omusajja y'anaakufuganga okuva kati okweyongerayo." Kati, Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kiri. Bwe muba mwagadde, tusobola okukisoma.

102 Ebyawandiikibwa mbibawa, okusobola okukekkereza obudde olw'abo abayungiddwa ku mukutu okwetooloola eggwanga lyonna, musobole okubyesomera.

103 Wekkaanye ensonga eyamukozesa ekyo. Ye Ssetaani yasobola atya okumutuukako?

104 Obadde okimanyi nti lumu Ssetaani yali yenkananka ne Katonda? Ddala yali, mu byonna nga oggyeeko eky'okuba omutonzi; yali byonna, yayimiriranga ku mukono gwa ddyo ogwa Katonda, mu Ggulu, nga Kerubi omukulu ow'ekitalo akulira abalala.

105 Mwekkaanye ensonga lwaki omukazi kino yakikola, teyali mu butonde obwasooka. Omukazi tali mu butonde bwa Katonda obwasooka; yaggyibwa mu kitonde kirala. N'olwekyo, "ku lubereberye," nga Yesu bwe yajulizaayo, teyali kitonde kya Katonda nnakabala. Omukazi yaggyibwa mu musajja, awo Yesu we yajuliza "ku lubereberye."

106 Mujjukire nti, Adamu yalimu enkula ey'ekisajja n'ekikazi, mu ngeri gye yasooka okutondebwamu, nga ali omu, naye n'ayawulwamu olubiriizi.

107 Mwetegereze, naye ekintu ekivudde mu kirala, ate, mwekkaanye nti, ekitonde kyokka mu bitonde byonna Katonda bye yatonda, mu nsolo zonna n'ebirala byonna, omukazi ye yekka eyawundibwa bw'ati. Ebitonde ebikazi ebirala byonna byatondebwa nga binnakabala. Ebitonde ebirala byonna ebikazi byatondebwa nga binnakabala, naye Kaawa ye teyatondebwa nga nnakabala. Okiraba, ekyo kyalina kukolebwa bwe kityo. Tujja kukituukako eddako. Weetegereze, mu butonde buno bwe yalimu, nga si nnakabala, wabula ekitonde ekyaggyibwa mu kinnaakyo. Era mu butonde obw'ekikula kino, mulimu . . .

108 Kaakati saagala kubalumya, wabula njagala kubabuulira Mazima. Mutuule butuuzi mukkalire; awo muba mukoze bulungi.

109 Teriiyo kintu kyawundibwa kubeera kisendasenda nnyo, nga omukazi asikiriza. Teyinza kubaayo kintu kirala kyonna; teri kintu kyakolebwa kuba bwe kityo.

110 Ate, teriiyo kintu kyangu kulimbibwa nga omukazi. Kaakati, okugwa kwe kukakasa ekigambo kino okuba ekituufu, okugwa okwaliwo ku lubereberye.

111 Mu kutonda nnakabala okwasooka omukazi teyaliimu. Yali mu Adamu, naye teyali mu nkula ye ey'ekikazi, ye kennyini, ku lubereberye. Yakolebwa nga aggyibwa mu kitonde kirala.

112 Kati, teri kintu kyonna kyakolebwa ekisobola okulimba, era nakyo ne kirimbibwa, mu ngeri ennyangu ennyo nga omukazi. Teri kyakolebwa oba ekiyinza okweweebuula okwenkana omukazi. Mukirowoozeeko kati. Teri kyakolebwa, mu bitonde byonna, ekiyinza okweweebuula okwenkana omukazi. Omukazi asobola okuyuzaayuza omutima gw'omusajja obulere mu bwangu ennyo ddala n'okusinga ekintu ekirala kyonna ku nsi, ye mukyala we. Ggwe leka omukyala oyo alabika obulungi atandike okwetala n'omusajja omulala; ojja kulaba musajja wattu oyo nga bambi atudde awo n'abaana be, nga amaziga bwe gamukulukuta. Omukazi yawundibwa bw'atyo. Yawundibwa kukola kino. Teri mbizzi, teri mbwa, oba ensolo endala yonna, yakolebwa nga ye oba esobola okweweebuula nga omukazi bwe yeeweebuula. Kati, ekyo kituufu.

Bannyinaze nga mbassaamu ekitiibwa, njagala mwetegereze.

113 Teri kisolo kisobola kuba kigwenyufu. Muyita embwa "malaaya," embwa enkazi, ate ensajja ne mugiyita . . . embizzi ne mugiyita "mbizzi enkazi," kyokka empisa zaayo zisingira wala ez'abazannyi ba ffirimu ab'omu Hollywood emirundi kakadde kalamba. Bw'atyo omukazi bwe yawundibwa nga asobola okweweebuula ekyenkanidde awo. Tayinza ku . . . Ggwe kati lowooza ku kino. Teriiyo kintu kyonna mu nsi, ekyakolebwa mu bitonde bya Katonda, ekisobola okuweebuuka, ekyenkanidde awo.

114 Oyinza okugamba nti, "Lindako katono, 'ssebo'!" Tugenda kukituukako ekyo. Omukazi y'alina okusooka n'akkiriza nti "yee."

115 Weetegereze, teriiyo kintu kyakolebwa kiyinza kweeweebuula okwenkana awo, oba okuba ekiseegu, okuggyako omukazi. Embwa tesobola kukikola, embizzi tesobola kukikola, ekinyonyi tekisobola kukikola. Teri kisolo kigwenyufu, era tekisobola kubaayo, kubanga kyakolebwa nga tekisobola kuba bwe kityo. Embizzi enkazi teyinza kuba ngwenyufu, embwa enkazi teyinza kuba ngwenyufu, ekinyonyi ekikazi tekiyinza kuba kigwenyufu. Omukazi ye yekka asobola okukola ekyo.

116 Kati mulaba w'ani Ssetaani gye yalaga? Mulaba? Naye era omukazi alina, y'alina obuyinza okugamba nti, "yee" oba "nedda." Okiraba, kisinziira ku ludda ki lw'ayagala okubaako. Olaba? Kati wano tusobolera ddala bulungi okulaba ezzadde ly'omusota, we lyayingiriramu. Waaliwo ekifo kimu kyokka gye gwali gusobola okugenda. Ekyo bwe kiba tekikiggyirayo ddala bulungi, omuntu aba muzibe obutakiraba. Olaba? Labayo, gwali gulina kugenda eri oyo.

117 Weetegereze, ensonga lwaki ebisolo byali tebisobola kukikola, ensolo enkazi, lwa kuba byo byali byatondebwa nga binnakabala. Naye ye omukazi teyali mu kutondebwa okwo okwasooka okw'ebitonde binnakabala. Kati tuddayo kino okusobola okukisima tukiggyeyo, tulyoke tubaleete okutuukira ddala ku mulembe oguliwo leero, mu Ndagaano.

118 Ye yawundibwa, yekka, okuba n'obulamu obucaafu era obwonoonefu. Embwa tesobola, era tewali kikazi kirala kisobola. Omukazi yekka y'asobola okukikola. Embwa oba ensolo endala zonna, zikikola omulundi gumu mu mwaka, era ekyo zikikola lwa kuzaala baana baazo; so si lwa kunyumirwa kwegatta, wabula lwa kuzaala baana baazo. Embizzi enkazi enkulu, embwa enkazi enkulu, kibaawo omulundi gumu mu mwaka, ekiseera kimu, lwa kuzaala baana baayo. Naye ye omukazi yakolebwa nga akikola ekiseera kyonna w'aba ayagalidde. Nninawo wano ebyasaziddwamu; ebisigadde musobola okubiteebereza. Embwa tesobola; naye omukazi asobola. Nsuubira Omwoyo Omutukuvu anaababikkulira ebisigadde ebikwata ku kino bye nnasazizzaamu wano.

119 Omukazi kye kikula kyokka, mu bikula byonna ebikazi, ekyakolebwa nga kirabika bulungi okusinga ekisajja. Teriiyo kika kirala mu byonna. Mu bitonde bya Katonda ebirala byonna ekisajja kye kirabika obulungi, nga mu bisolo, mu binyonyi, n'ebirala, bulijjo ekisajja kye kiba kirabika obulungi.

120 Laba engabi ennume ennene, erina amayembe amanene agalabika obulungi, kitonde ekirabika obulungi; ogigeraageranye n'akagabi kattu, akakazi. Laba enkoko empanga n'ebyoya byayo ebirabika obulungi; ogeraageranye, n'enkoko enkazi eya kitakataka. Laba ebinyonyi, enkoko empanga n'enkazi. Lwaki? Lwaki kyali bwe kityo, mu bitonde bya Katonda byonna? Mu bitonde byonna, ekisajja kye kisinga okulabika obulungi. Mu ndiga, mu mbi—mbizzi, mu mbalaasi, mu birala byonna, bulijjo ekisajja ekinene kye kisinga okulabika obulungi, ne mu binyonyi.

121 Naye mu lubu lw'abantu, omukazi y'alabika obulungi, so si musajja; omusajja bw'aba nga y'alabika obulungi, wabaawo ekikyamu, wabaawo ensigo eyawaanyisibwa awantu awamu. Bwe kityo bwe kiri okuva edda. Lwaki? Lwaki kyakolebwa? Asobole okukozesebwa mu kusendasenda. Eyamuwunda, nga ye Ssetaani, akyamukolako, na kati, mu nnaku zino ez'oluvannyuma.

122 Leka nsooke nkome wano okumala akaseera. "Alabika bulungi!" Obadde okimanyi nti, ku kuzikirizibwa okwasooka, okwetooloola ensi yonna, okw'ensi yonna, manya okw'ensi, kwaliwo lwa bakazi abaali abalabika obulungi? "Abaana ba Katonda ab'obulenzi bwe baalaba abaana b'abantu ab'obuwala nga balungi, ne beetwalira abakazi." Si bwe kiri?

123 Mwali mukyetegerezza nti abakazi beeyongedde okulungiwa mu nnaku zino? Nnalabako ku kifaananyi kya Pearl O'Brien, mu kiseera ekimu, eyali atwalibwa okuba nti ye mukazi eyali asingayo obulungi mu ggwanga. Mu bawala b'omu ssomero lino tewali atamusinga bulungi, bwe gutuuka ku bulungi.

124 Abakazi okweyongera okubeera abalungi kyoleka kiseera eky'okulimbibwa. Ekkanisa ddi lwe yali efaananyeeko obulungi okusinga bw'efaanana leero? Buli kimu kyoleka, agazimbe galikwoleka aganene agalungi, n'obutitimbe bwa *kino* n'obutitimbe bwa *kiri*. Temukiraba nti, "omukazi," kusendasenda!

125 Kati, teriiyo kintu kisobola kwewebuula nga mukazi, era awundibwa atyo asobole okutengula. Era Ssetaani amukolako nnyo ddala leero, mu nnaku zino ezisembayo, kubanga y'amuwunda. Kati ekyo nsobola okukikasa. Bwe tuddirayo ddala ku lubereberye, ani yatandika okumukolako, Adamu oba Ssetaani, Katonda oba Ssetaani? Okiraba, oyo y'amuwunda. Ekyo kye ky'okulwanyisa kye ekikulu ky'akozesa okusuula omusajja mu bugwagwa bwe, nga bw'ali mukazi alabika obulungi, asobola okuyuuyayuuya omusajja n'amuzza yonna gy'ayagala. Ow'oluganda, ebbaala eno emmanga wano si y'ekwata omusajja; wabula omukazi alabika obulungi atambula mu kkubo, nga abigula, ayambadde enkunamyo. Oyo y'atwala . . . Oyo ye mulimba oyo yennyini. Era mu ekyo omukazi wa bulabe nnyo ddala, attira ddala. Oyinza okumbuuza ku kya Ssetaani okubeera nti y'amuwunda, naye ago ge Mazima. Ssetaani ye yamuwunda. Na kati akyakikola.

126 Leka mbeeko kye mbalaga mu Byawandiikibwa. Nnina okubazzaayo mu Byawandiikibwa, olwo mmwe mweesalirewo endowooza yammwe nga bwe mukiraba leero.

127 Ssetaani gwe tulabamu obulungi obw'engeri eyo. Bwe tuba twetegerezza, ye yali asingayo okulabika obulungi mu Bamalayika bonna mu Ggulu. Ekyo si bwe kiri? Era yayagala Eggulu alifuule ekifo ekirungi okusinga ku bwakabaka bwa Mikayiri. Ekyo si bwe kiri? N'ekirala, okulaga nti Kayini yali mutabani we, yawaayo okusinza okwali kusingako okulabika obulungi, ebyoto bye n'abitonaatona ebibala n'ebimuli, n'ebirala. Ekyo si bwe kiri? Nga kirabika bulungi! Ekibi kirabika bulungi, kye tuyita okulabika obulungi ennaku zino. Era ekibi, kirimbira mu kulabika bulungi. Tosobola kutunuulira mukazi mu kkubo nga atambula n'omanya kiri mu mutima gwe. Okiraba? Naye njagadde njogere ebintu bino musobole okulaba lwaki Ssetaani y'amuwunda. Ekyo kituufu ddala, mutabani we yennyini yakikakasa, Kayini. Kati, omukazi ekimulabisa obulungi kwe kusobola okusendasenda.

128 Ensi ekigirabisa obulungi kwe kusobola okukyamya. Ntegeeza *kosmos*, enkola y'ensi. Erabika bulungi eryoke

esobole okukyamya, agafo aganene agalabika obulungi ag'okwejalabizaamu.

129 Jjukira nnabbi, Amosi, bwe yayambuka waggulu n'asinziira eyo n'atunula mu kibuga, n'akiraba nga kiri nga Hollywood w'omulembe guno, obuuso bwe obutono obw'ekikadde ne butoniwa, munda muli mu nvi ezo ezaali zimulengejjera mu maaso. N'aserengetayo n'Obubaka, n'abwasanguliza eyo ku kifo ekyo. N'agamba nti, "Katonda yennyini gwe mugamba nti gwe muweereza, y'ajja okubazikiriza!" Ky'ekyo ddala.

130 Ekibi, kirabika bulungi. Bwe bakuba ekifaananyi kya Yuda bamulaga nga omuzeeyi omutamiivu waddanga agudde eyo ku kkubo, nga n'ensowera zimugwa mu kamwa, n'ebirala, mbu oyo ye Yuda. Naye Yuda yali alabika bulungi, nga wa maanyi, naye nga mulimba. Omuntu bw'atyo si gw'olina okwekengera, si (muzeeyi omulimi) oyo ayingira nga ayambadde wovolo, oyo si gw'olina okwekengera obuteesembereza mukyala wo; wabula omuvubuka oyo omugoggoofu era ow'omulembe, oyo ye muyaaye yennyini.

131 Ekibi kirabika bulungi mu maaso g'ensi, naye ye Katonda mu bulungi obw'ekika ekyo si mw'alabikira. Ekyo obadde okimanyi? Katonda tumulabira mu mbala, mu mbala ennungi.

132 Mu Bayibuli, Isaaya 53, Ekyawandiikibwa bwe muba mwagala okukiwandiika. Kiriko olukalala lw'Ebyawandiikibwa oluteereddwa wano ku mabbali ebikwata kw'ekyo. Isaaya 53, Bayibuli yayogera ku Mukama waffe Yesu, nti, "Mu Ye temwali bulungi butumwegombesa. Era tulinga abaamukweka amaaso gaffe." Si bwe kiri? Tetwamwegomba, kuba yali talabika bulungi. Oba oli awo yali kasajja katono, akasongodde obubegabega, akagubaasidde, nga teyeegombesa na kuba mukulembeze. Nga talabika nga mukulembeze. Nga ayogera mu njogera y'abantu ba bulijjo, n'ebirala, ng'abantu bwe bakola, abantu aba bulijjo, n'olwekyo yali talabika nga muntu omuyivu ow'amaanyi, eyasoma, alabika obulungi, anekedde, na buli kimu. Yali Muntu buntu owa bulijjo. "Mu Ye temwali bulungi, bwe tusobola kumwegombako." Yayingiranga era n'afulumanga mu bantu, ebbanga lyonna, ne batamanya na kumanya Ye Ani. Teyalabika nga katonda nga atambulatambula, nga tafaanana kye twandirowoozezza okuba katonda. Wabula, wadde kyali bwe kityo, ekyo kye Yali!

133 Wali weetegerezza Mukama Katonda bwe ya—yagamba Samwiri nti, "Yambuka mu nnyumba ya Yesse ofuke amafuta ku omu ku batabani be, okuba kabaka, adde mu kifo kya Sawulo"?

134 Kati, abantu bo baalonda Sawulo, so nga Samwiri yabakuutira obutakikola. N'agamba nti, "Katonda tayagala mubeere na kabaka; Ye ye Kabaka wammwe." N'agamba nti, "Nnali mbabuulidde ekintu kyonna, mu Linnya lya Mukama,

ne kitatuukirira? Nnali mbasabye ku ssente oba *ekintu ekirala kyonna*, okubeezaawo obulamu bwange?"

135 Ne baddamu nti, "Nedda, totusabanga ku ssente. Era buli kintu kyonna kye wayogera, mu Linnya lya Mukama, kyatuukirira. Naye ffe twagala kabaka, mu buli ngeri," bwe batyo ne balonda Sawulo. Laba ensi gwe yalonda! Laba Isiraeri gwe baalonda! Isiraeri, abafukeko amafuta ba Katonda, baalonda omusajja eyali asinga buli musajja yenna obuwanvu mu ggwanga okuva ku bibegabega okudda waggulu; omusajja ow'ekitalo, omunene, omulungi, alabika obulungi, kyokka lubeerera ye yavangako emitawaana.

136 Naye Katonda n'agamba nti, "Ŋŋenda kubawa kabaka nga Nze mmweerondedde." Kye yava agamba nti, "Samwiri, ssigenda kumukubuulira, naye yambukayo. Ye omu ku batabani ba Yesse."

137 Awo Yesse, mukazi we, n'abalala bonna ne bamagamaga, ne bagamba nti, "Weewaawo, mutabani waffe omukulu, musajja wa kiwago, muwanvu, alabika bulungi, ajja kunyumira engule ya kabaka. Mugezi. Muyigirize. Musajja mulungi. Mmanyi ye ajja okuba omutuufu. Ky'ayogera akyogera akyegendereza."

138 Bwe baamuleeta, Samwiri n'addira akasumbi k'amafuta n'amusemberera. N'agamba nti, "Nedda, Mukama amugaanye." Ne yeeyongerayo, ku baana mukaaga ab'obulenzi, kyokka bonna Mukama n'abagaana. N'agamba nti, "Teriiyo mulala?"

139 "Ha," n'agamba nti, "weewaawo, waliyo omu, ali eyo ku ttale alunda ndiga. Ye atuula butuuzi eyo n'akuba ennyimba, nga bw'aziyimba, bw'aleekaana, bw'atyo. Wabula, kasajja kakovvu, akaagubaasira, tekayinza kuba kabaka."

140 N'agamba nti, "Mugende mumuleete." Era Dawudi bwe y'ajja mu maaso ga nnabbi, nnabbi n'adduka n'amafuta n'agafuka ku mutwe gwe, n'ayogera nti, "Ono Katonda gw'alonze." Si ndabika nnungi; wabula mpisa. Katonda atunuulira mpisa.

141 Omuntu atunuulira bulungi bwa kungulu. Obwo bulimbalimba. Era eyo ye nsonga lwaki omukazi yaweebwa endabika eyo ennungi, lwa kusendasende, asobole okusendasenda. Omukazi alabika obulungi, obulungi obwo bw'atabukozesa mu ngeri ntuufu, buba kikolimo gy'ali; era buba bujja kumutwala mu ggeyeena mangu ddala n'okusinga ekintu ekirala kyonna kye mmanyi. Ssinga amala ga . . . Bw'aba alabika bulungi, kirungi, kasita anywerera ku bba era n'akola ebyo ebisaanidde, ekyo—ekyo kirungi era si kibi n'akatono. Naye ate ayinza okuddira ekintu kye kimu ekyo era, munnange, n'akikozesa okusendasenda, kuba kyamuweebwa kukola atyo.

142 Weetegereze, kati, naye ye Katonda alabirwa ku mbala. "Tewaali bulungi bwonna butwegombesa Yesu," naye ate tewabangawo muntu nga Ye, ku nsi.

143 Kati tulaba, ennaku zino, nti e—empisa z'ekkanisa, Ssetaani n'ekibinja kye, bo banoonya bintu binene, makanisa agatemagana, n'ebintu ebisikiriza. Ebyo ensi by'etunuulira ensangi zino. "Ha, kaakano kaseera ka musumba, *gundi* ow'ekitiibwa, *gundi*, ne yeesowolayo, mu ngeri nga kabona ddala omutukuvu, nga ataddeko amaganduula gano amanene, n'ebintu eby'engeri eyo." Ebyo bye bayita obulungi.

144 Naye abatukuvu ba Katonda aba nnamaddala bo banoonya mbala ya Kigambo ekikakasiddwa.

145 Ekyo abatukuvu kye baakola mu nnaku ziri, bwe baalaba Yesu. Teyaliiko kyegombesa yadde, naye baalaba Katonda nga ali mu Ye. Baalaba Katonda nga yali wamu naye.

146 Bwe batyo, ba Yowaabu n'abo abaali ne Dawudi, kasajja kattu, naye baalaba ekigera ky'o—ky'omusajja ekyamulimu. Baalaba nti Katonda yali mu ye, era ne bamanya nti lumu y'aliba mu buyinza. Baa . . . Omu yabattamu baganda ba Goliyaasi abalala bataano, bw'omu yekka ati. Omulala yatta abasajja ebikumi bisatu; abakazi abamu bwe baali balonda ebijanjaalo by'ekyeggulo, nga eggye ligenze, n'akwata effumu n'atta abasajja ebikumi bisatu, Abafirisuuti. Mbala! Lwaki? Kubanga Dawudi baamubeeranga nga ku lusegere. Baali bakimanyi nti amafuta gaali ku ye, era nga bakimanyi nti y'agenda okufuga.

147 Ekifaananyi kyennyini eky'Ekkanisa ey'omu nnaku zino ejja okuyimirira n'Ekigambo! Tumanyi nti Erikakasibwa. Tumanyi nti lumu Erifuga. Newakubadde Sawulo . . . Ate yali mmomboze okuva mu mawanga amalala gonna, naye baali bamanyi nti wa kufuga. Tumanyi Ajja kufuga, naffe, kye tuva tutwala Ekigambo ekyo ne tuyimirira awo wennyini, ne bwe kiba kituggyako ki. Oba kitwetaagisa kutema Bafirisuuti, oba kugwa mu bunnya ne tutta empologoma, nga omu bwe yakola, tujja kugenda bugenzi, kubanga kyo kye . . . bw'atyo Katonda bwe yakitegeka kibe. Kye tunoonya ye mbala.

148 Kaakati oyinza okumbuuza nti, "Lwaki yamuganya okuwundibwa bw'atyo?" Ssaagala kutwala nnyo budde, kubanga nkyalinayo ebirala bingi nnyo eby'okwogera wano. "Lwaki," awo wayinza okuvaawo ekibuuzo nti, "lwaki Katonda omukazi ono yamukola bw'ati? Lwaki yamuganya okubeera bw'atyo?" Bw'atyo Ye bwe yayagala. Ddala.

149 Kati bwe muba mwandyagadde okubikkulako mu Bayibuli zammwe mu ddakiika nga emu, nsaba tubikkule mu Baruumi 9, mu ddakiika nga emu, mbeeko kye mbalaga, engeri Katonda gy'akolamu ebintu bino, bwe muba mwagala oku—okukisoma. Era wano tusobola okulaba biki Katonda by'Akola Ye nga bwe kiba kimusanyusizza. Abaruumi 9:14.

Kale *tunaayogera tutya?*

Obutali butuukirivu buli eri Katonda? . . .

150 Bwe yalonda Esawu, manya bwe yalonda Yakobo n'agaana Esawu, nga ku balenzi bombi tekunnaba kubaako alina ddembe kwesalirawo, ku bubwe, ku bombi nga tekuli n'omu; nga tebannazaalibwa, nga bakyali na mu lubuto lwa nnyaabwe, Katonda n'agamba nti, "Esawu mmukyawa, naye Yakobo mmwaagala." Olaba? Lwaki?

> *Kubanga* yagamba *Musa nti, Ndisaasira gwe ndisaasira, era ndikwatirwa ekisa gwe ndikwatirwa ekisa.*
>
> *Kale bwe kityo si ky'oyo . . . ayagala, newakubadde . . . adduka embiro, wabula Katonda* ye *y'asaasira.*
>
> *Kubanga Ebyawandiikibwa bigamba Falaawo nti, Kyennava nkuyimiriza, ndyoke* njoleseze *amaanyi gange mu ggwe, era erinnya lyange liryoke libuulirwe mu nsi zonna.*
>
> *Kale bwe kityo . . . a* (Kati weetegereze wano) . . . - *kubanga . . . asaasira gw'ayagala okusaasira, era n'akakanyaza oyo gw'ayagala okukakanyaza.*
>
> *Kale onoŋŋamba . . . nti, Kiki ekikumunenyesa . . . nate? Kubanga ani aziyiza by'ayagala?*
>
> *Naye ekisinga, ggwe omuntu, ggwe ani awakana ne Katonda? Ekibumbe kirigamba eyakibumba nti, kiki ekyakunkoza* bw'oti?
>
> *Oba omubumbi talina buyinza ku bbumba, mu kitole kimu okukola ekibya kimu eky'ekitiibwa, n'ekirala eky'ensonyi?*
>
> *Kiki oba nga Katonda, bwe yayagala okulaga obusungu bwe, n'okulaga amaanyi ge, yagumiikiriza . . .* ekyenkanidde awo *n'okulindirira ennyo* ebibya *eby'obusungu ebyateekerwateekerwa okuzikirira:*
>
> *. . . alyoke amanyise obugagga obw'ekitiibwa kye ku* bibya *eby'okusaasirwa, bye yateekerateekera edda ekitiibwa,*

151 Kati wakana n'Ekyo kale. Katonda yakikola! Yalina okukikola bw'ati. Kyali kirina okubaawo. Kati wuliriza. Kati okumala eddakiika nga ttaano, waliwo kye njagala okubalaga.

152 Katonda kye kiki? Katonda ye mukulu ennyo Ataggwaawo. Ku lubereberye, emabega ddala eri nga n'oluberyeberye terunnabaawo, yali tannabeera Katonda. Ekyo obadde okimanyi? *Katonda* kye "kintu ekisinzibwa," ate tewaaliwo kintu kyonna kya kumusinza. Yaliwo yekka.

153 Era mu Ye mwalimu obusobozi obw'enjawulo. Obusobozi kye kiki? Kye kirowoozo. Kati mugenda kufuna ekintu ekineekuusa ku ky'okuyiga ky'akawungeezi kano. Labayo, Ye yali obusobozi Bwe obwamulimu. Kati, mu Ye mwalimu

eky'okubeera Kitaffe, mu Ye mwalimu eky'okubeera Katonda, mu Ye mwalimu eky'okubeera Omwana, mu Ye mwalimu eky'okubeera Omulokozi, mu Ye mwalimu eky'okubeera Omuwonya. Era ebintu bino byonna wano byoleka bwolesi busobozi Bwe. Tewali kisobye. Olowooza nti Katonda enkomerero teyagirabirawo ku ntandikwa? Ddala ddala, yagiraba. Tewali kisobye, wabula byoleka bwolesi busobozi Bwe.

154 Kati, yali tayinza kuba *mwenkanya* ate n'aleetera omuntu okugwa. Yalina okumuteeka ku musingi ogwenkanankana, ogw'eddembe ery'okwesalirawo, ye y'aba yeesalirawo, naye nga akimanyi nti wa kugwa.

155 Kati, tasobola kuba Mulokozi okuggyako nga waliwo ekintu ekikigudde mu kibi. Tasobola kuba Muwonya okuggyako nga waliwo ekintu ekirwadde. Ebintu bino byalina okuba bwe bityo. Katonda yabikola bw'atyo kibeere nti obusobozi Bwe obw'ekitalo bulabisibwa. Ssinga ekyo tekyaliwo, teyandibadde Mulokozi. Naye tumanyi nti ekyo kye Yali, nga n'ebiseera tebinnabaawo, yali Mulokozi. Yali Mulokozi, n'olwekyo wateekwa okubaawo ekintu ekibula. Kinaabaawo kitya?

156 Kati bw'Akiddira n'akibuza, okusobola okukirokola, awo okulamula Kwe kuba tekuliimu bwenkanya. Tasobola kusindika muntu mu ggeyeena, ate n'aba mwenkanya. Ye wa kisa, mukkakkamu, wa mazima, mwesimbu, era Mulamuzi mukulu. Okiraba, awo aba yeekuba ndobo Ye kennyini.

157 N'olwekyo yalina okuteeka wano omuntu, era amukole nga ali ku musingi ogw'eddembe ery'okwesalirawo, nga asobola okwesalirawo, naye nga amanyi nti, alituuka ekiseera n'agwa; naye omuntu, ali mu kifaananyi Kye Ye, yali ayinza atya okugwa? Kati mulaba Ekitangaala kyennyini eky'emisana? Kale, yalina okukola ekintu nga akiggya mu kinnaakyo, nga kiggyibwa mu kitonde nnakabala. Kati mukiraba. Mukiraba? Awo oba otuuse. Olaba? Kati, ekyo kye kyagwa. Yakikola, akimanyi nti kyali kya kugwa. Era kyateekebwa mu mikono gya Ssetaani, okubeera ekibya ekitali kya kitiibwa. Ennaku zino ekitiibwa kiweebwa ani? Mukirowoozeeko ekyo. Mweetegereze nnyo kati.

158 N'ekirala, lwaki yakolebwa bw'ati n'atakolebwa nga ebitonde ebirala byonna ebikazi, lwaki omukazi ye yawundibwa bw'atyo okwawukana ku bitonde ebikazi ebirala? Mu bitonde ebikazi ebirala byonna temuli n'ekimu kyawundibwa bwe kityo. Tebiriiyo, leero. Tebisobola. Nga bwe bitaakolebwa bwe bityo, tebisobola kukikola. Kaakati lwaki n'ekitonde kino ekikazi, nga ye mukazi, teyakikola nga ebitonde ebikazi ebirala, naye abeere nga biri ebirala, nga akuza bukuza baana be? Nga abeera ne bba, ne babeerawo; nga ekiseera bwe kituuka eky'okuzaala omwana we, nga azaala omwana we. Lwaki—lwaki omukazi yamukola bw'ati?

159 Ebigambo bino ssisobola kubyogera. Naye mutegeera kye njogerako, temukitegeera? Bwe muba mukitegeera, mugambe nti "amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Weewaawo. Mukiraba? Waliwo abawala abato abatudde wano, n'abalenzi abato, mulaba. Naye mumanyi nti, ekisolo waliwo mu mwaka ekiseera lwe kituuka, ne kibeera ne kinnaakyo, olwo nga biwedde. Naye, ye omukazi, asobola okukikola ekiseera kyonna. Naye lwaki yamukola bw'ati?

160 Kaakati weetegereze entegeka Ye ey'ekitalo bwe yeeyanjuluza, nga bwe tweyongerayo mu kino, mu ngeri etuukiririddde ddala. Kino nnali ssikimanyi okutuusa olunaku lwa luli.

161 Lwaki teyamukola bwatyo ku lubereberye, okufaanana nga ebitonde Bye ebikazi ebirala? Kubanga tekyandibadde kirungi gy'Ali. Ye ye Nsulo y'obulongoofu bwonna. Eyo ye nsonga lwaki yalina okuganya Ssetaani okukwata ku mukazi, kye yakola mu kukyamya. Ekitonde ekifaanana bwe kityo kyandibadde, kyandibadde tekisaanira gy'Ali, okukiwunda olw'ekigendererwa ekyo ku lubereberye.

162 Emirimu Gye gyonna gye yawunda, nga nnakabala, gikyagenda mu maaso nga bwe yagitandika. Emirimu Gye gyonna egyasooka gyali gikyagenda mu maaso nga bwe yagitandika. Embwa enkazi, embwa ennume; olaba, ente enkazi, ente ennume; buli kimu kigenda mu maaso nga bwe kyatandika. Obutonde bwonna bugenda mu maaso nga bwe bwatandika. Ensigo efa, n'eziikibwa mu ttaka; nga bwe kiri waliwo okufa, okuziikibwa, okuzuukira. Amasanda gakka wansi nga gava mu muti, ne gusuula ebikoola byagwo, ne gukomawo mu mwaka oguddako n'okuzuukira kw'ebikoola ebipya. Mulaba kye ntegeeza? Buli kintu kyonna, n'obutonde, bwa Katonda bwennyini, byonna bigenda mu maaso, mu bumu; naye waliwo wano kimu ekyawundibwa nga kyo tekigendera wamu na butonde bwa Katonda. Obutonde bwakolebwa mu ngeri nti bwo tebusobola kwonoona. Mukirowoozaamu! Obutonde nnakabala obwasooka, Katonda bwe yatonda, bwali tebusobola kwonoona.

163 O, temukiraba kati, mu kifaananyi kino wano, engeri ekkanisa gye yawabamu? Eyasookera ddala yali Kigambo kya Katonda! Mu Katonda temuli kwonoona. Mulaba kye ntegeeza? Kiikino ekitonde ekyabaawo okuyita mu kukyamizibwa. Katonda agenda kuba n'Ekkanisa, naye tunuulira ekintu kino ekyakyamizibwa kye balina wano.

164 Katonda alina ekisajja n'ekikazi. Naye, ate ono omukazi, olaba, obubonero bw'enkula ye bwokka bulaga kiki ekyali mu birowoozo bya Katonda. Tuyinza okutwala essaawa nga nnamba, oba bbiri, ekyo okukinnyonnyola. Omukazi . . . Ekitonde kino kyakolebwa bwe kityo, yatonda ekitonde kino n'amuteeka awo Ssetaani asobole okumukolako, era yakikola.

Ne kati y'akyamulina. Kyandibadde kirungi n'addukira eri Omusaalaba, kye kimu, n'omusajja.

165 Wekkaanye, obutonde bwonna butambulira wamu. Ssinga yali yakola omukazi mu ngeri y'emu nnakabala eyasooka, tewandibaddewo kibi, kubanga omukazi teyandikikoze, omukazi teyandikikoze. Omukazi kukyamizibwa kwa butonde buli nnakabala obwasooka.

166 N'okwonoona kwonna bwe kutyo bwe kuli okukyamizibwa kw'Amazima agaasooka! Obulimba kye kiki? Ge Mazima nga gakyamiziddwa. Obwenzi kye kiki? Kye kikolwa ekituufu naye nga kikoleddwa mu bukyamu. Kati awo tulaba ekitonde ekyakyamizibwa, n'ekintu kyonna ekyakyamizibwa mu bulamba bwakyo. Era kyonna awamu kiyitibwa e-k-i-b-i, nga kiri awo wennyini. Eyo ye nsonga lwaki ekibuuzo kino kikulu nnyo.

167 Katundu butundu, kabajjo, akaggyibwa mu musajja, ak'okumusendasenderako; Katonda ye yakikola, wano wennyini waakamala okukikakasa. Omukazi yakolebwa lw'ekyo.

168 Omukazi omugwenyufu kye kintu ekisingayo okuba ekya wansi ekiyinza okulowoozebwako, mu nsi. Abawala abavubuka, kino mukinsonyiweko. Omukazi bw'atyo tabaamu kalungi konna wabula aba kipipa omusuulibwa kasasiro w'abantu, kasasiro ava mu kikolwa ky'okwegatta. Kye kyokka ky'ali, omukazi omugwenyufu, aba kipipa kya kasasiro w'ekikolwa ky'okwegatta, obwonoonefu, era obucaafu, obujama, obugwaagwa, obwonoonefu obwa wansi ennyo bwonna busuulibwa mu ye. Lwaki yakolebwa bw'ati? Lwa kusendasenda. Buli kibi kyonna ekyali kibadde ku nsi mukazi ye yakireeta.

169 Omukugu omu mu kwekenneenya ow'omu Chicago, o—omukazi ye yawandiika eggulire lino, ab'ekitongole kya poliisi, lye baalondoola, mu Amerika, mu bibuga by'eggwanga lya Amerika, ebyali biraga nti, "Kyenda-mu-munaana ku kikumi ku buli musango ogwali guzziddwa mu ngeri yonna, mu Amerika, omukazi yagwenyigiramu oba yabanga mabega waagwo."

170 Kaakati bino byonna mbyogera, nga waliwo kye nduubirira okutuukako wano ku nkomerero, musobole okulaba omutawaana oguliwo.

171 Omukazi yakolebwa kusendasenda, nga bwe yasendasenda Adamu ku lubereberye, nga amugamba nti ekibala kyali kisanyusa, n'ebirala, amusendesende amujje ku Kigambo. N'ekkanisa bw'etyo bw'ekola ennaku zino, kintu kye kimu.

Wabula ate, ekyo bwe kyaggwa, omusajja yafuuka omufuzi we, okufuganga omukazi.

172 Naye kati nga kyawukana nnyo mu nnaku zino, n'entegeera ya leero. Mu kifo ky'omusajja okuba nga y'afuga omukazi,

ate omukazi y'afuuse katonda w'omusajja. Mazima ddala, omukazi y'afuga omusajja. Kati ndowooza musobola okutegeera obulungi kiki kye mbadde nzigumiza. Okuyita mu bulungi bwe n'engeri gy'aleetamu ebirowoozo by'okwegatta, enkula y'omubiri gwe eyamuweebwa Ssetaani, ekintu ekyava mu kirala Ssetaani kye yakola, asindikibwa kutengula abaana ba Katonda ab'obulenzi. Era omukazi bangi b'asobola okusuula mu ggeyeena okusinga ekikozesebwa ekirala kyonna Ssetaani ky'alina. Ekyo kituufu ddala.

173 Kati gwe njogerako ye oli omugwenyufu, so si mmwe bannyinaffe. Mmwe tujja kubawa ekifo kyammwe, ekifo ekituufu, mu ddakiika ntono, wano mu Kigambo kya Katonda. Kyali mu ntegeka ya Katonda okuva mu kutandika—ku lubereberye.

174 Kati okukola kino leero, ani katonda wa Amerika? Mujjukira mu kkuŋŋaaniro emyaka egyayita, nga ekyo nnakibuulirako? Katonda ow'omulembe gw'ebiro bino, nga mukazi atudde awo nga yenna yeetonyeetonye, nga olugoye lw'ayambadde alusise waggulu w'amaviivi ge, n'ebintu ebifaanana bwe bityo. Ne ŋŋamba nti, "Mulabe katonda wammwe!" Era ekyo kituufu, ali ku buli kirango kyonna nga kyenkana ali bwereere. Ali ne ku nguudo, mu ngeri y'emu.

175 Kikozesebwa kya Ssetaani, "okuva ku lubereberye," Yesu bw'atyo bwe yagamba. Mukiraba? Tulaba nti bwe kityo bwe kiri kati, era "n'okuva ku lubereberye," wamu n'ekyo ky'Ayogerako.

176 Kaakati, abakaafiiri omukazi baamufuulanga katonda, (ekyo mubadde mukimanyi?) katonda omukazi. Ddala bwe baakolanga. Bamufuula katonda omukazi, kubanga mu kusamira kwabwe baabangamu n'ebikolwa eby'okwegatta. Baagambanga mbu, "Omukazi ye yali omutonzi. Mu lubuto lwe mwe yatwaliranga ensigo n'atonda." Obwo bulimba. Waliwo Omutonzi omu yekka, era oyo ye Katonda. Naye mujjukira Pawulo eri? "Dayana, ow'omu Efeso," ekifaananyi ekyayolebwa mu lwazi, ne bagamba nti, "katonda w'Eggulu omukazi, eyasuulibwa wansi." Temulaba nsinza ya kikaafiiri bw'efaanana?

177 Ate ffe, nga tetukimanyi na kukimanya, ne tukyuka ne tuddirayo ddala emabega nate mu nsinza y'ekikaafiiri, eri abakazi, ekitonde ekisingayo okuba ekya wansi ku nsi, mu kusinza omukazi! Omukazi ajja kuzunza omusajja amuzze yonna gy'ayagala. Nga bambi tamanyi nti, obulungi obwo bwonna buli ku ngulu, munda mujjuddemu ggeyeena. Sulemaani yagamba nti, "Omukazi, emiryango gye gye miryango egiyingira e magombe."

178 Kati wano tulabira ddala bulungi Yesu bye yayogerako mu Kubikkulirwa, essuula ey'o 2 n'olunyiriri olw'e 15, ebikwata

ku njigiriza y'Ekinikolayiti, engeri ekkanisa eyo gye yali ey'okujjamu nga yeeyawula ku Kigambo.

179 Era wano tusobola bulungi, okulabira ddala, pulogulaamu zino ez'obuseegu, ezitaliimu kutya Katonda, encaafu ze tulina ku tereviizoni, eza bano ba nnabakyala ba Hollywood abaseegu. Tulaba obugwaagwa bw'ekibuga kino, nga obwana buno obuto, obuwala bwe bwenjeerera wano mu nguudo nga buva muno budda muli, mu bugoyegoye obumpi, bu kamiimo, nga bwe bugenda bubigula, kyokka nga obudde bunnyogoga okufa obufi. Tebumanyi nti oyo ssetaani y'akola ekyo. Buliko omwoyo omubi, naye tebukimanyi! Temulaba mbwa nkazi ekola ekyo, mugiraba? Temulaba kitonde kikazi kirala kyonna kikola ekyo, tewali na musajja yenna asaanidde kumwesembereza, yadde.

180 Mukiraba, kati ekifaananyi mukifuna? Tugenda kubaako ne kye twanjula mu kaseera katono, Mukama nga ayagadde.

Kati mulaba Abanikolayiti, mulaba enjigiriza yaabwe.

181 Mulaba bannalulungi abatiini, nga bwe babayita, bano abagenda bakola ogw'okuzina amazina ku nguudo nga bali bukunya. Luli kyakwetaagisanga okusooka okugenda mu myoleso gy'obuseegu eyo mu nkukutu, okulaba abazina nga bali bukunya. Kanula bukanuzi maaso go, weetegereze ku nguudo, ekyo kyokka ky'olina okukola kati. Ekintu kyonna kifuuse mwoleso gwa bukunya bwereere. Mazima gennyini. Lwaki bakikola? Kukookoonya, kukema, kye ekyo kyokka omukazi ekikimukozesa. Akikola kuba mugwagwa. Akikola kuba bw'atyo bwe yakolebwa. Takitegeera nti ye kikozesebwa ekiri mu mikono gya Ssetaani, ate nga ekyo ky'ali.

182 Ne mu masomero gaffe ennaku zino, bayigiriza ebikolwa eby'okwegatta. Ensi yaffe envundu ejjudde okusinza omukazi! Ekyo mmanyi tebaagala kukikkiriza. Bayimirira ne bayimbayo oluyimba nga olw'eddiini, n'ebirala, olunaku olumu; oluddako ne bagenda ne bacakala n'abakazi, nga bava muno bwe badda muli, ekiro kyonna. Mukiraba? Kale. So nga, mu maaso ga Katonda, Ekigambo, omukazi y'asingayo okuba owa wansi mu bisolo byonna Katonda bye yateeka ku nsi. Weetegereze.

183 Eyo ye nsonga lwaki Katonda amugaana okuyigiriza Ekigambo Kye. Ky'ekyo. Timoseewo ekisooka 2:9-15, "Omukazi mmugaanyi okuyigirizanga, oba okuba n'obuyinza bwonna." Okiraba? Ne mu Bakkolinso Ekisooka 14:34, "Abakazi bammwe basirikenga mu makanisa, kubanga tebakkirizibwa kwogera, era balagirwa okusirikanga; nga n'Amateeka bwe galagira." Naye, ennaku zino, ekkanisa kiki ky'ekola? Babafuula abasumba, ababuulizi b'enjiri, so nga Bayibuli ekigaanira ddala. Era Bayibuli egamba nti, "nga n'Amateeka bwe galagira," nga kikireetera okuba nti kisigala nga bwe kyali mu ntandikwa, kyonna awamu.

184 Nga Omwana gw'Endiga bwe gwabadde, akawungeezi ka jjo, ekifo kyokka eky'okusinzizaamu, wansi w'Omusaayi gw'Omwana gw'Endiga ogwayiika. Kye kifo kyokka leero, mu Kristo. Kyokka ky'olina okukola, kuyingira mu Ye. Ekyo kye kifo kyokka aw'okusinziza. Bwe kityo bwe kyabanga okuva edda. Ekifo kyokka aw'okusinziza kiri wansi wa Musaayi ogwayiika.

185 Kale kati tulaba ekifaananyi kyakyo kyonna mu bulamba nga kyeyanjuluza mu maaso gaffe. Wuuyo omukazi. Katonda ky'ava tamukkiriza kuyigiriza, tamukkiriza kukola kintu kyonna mu kkanisa wabula okutuula n'akkalira nga n'obwenyi bwe bubikkiddwako.

186 Kati musobola okulaba lwaki njogedde ebintu bye njogedde era lwaki nkoze ebintu bye nkoze, nga mmanyi bino byonna mu mutima gwange, baganda bange, ne bannyinaze? Mmanyi, bannyinaze, ndi. . .mulina ekifo kyammwe (mu kaseera katono), wamu n'embala ennungi ey'ekitalo Katonda gy'asobola okubabumbamu. Naye kye ngezaako okukola kwe kwogera ku luuyi luli olulala, okulaga kiki kyennyini kye mwasibukamu, "ku lubereberye." Yesu yatugamba "okuddayo ku lubereberye," okusobola okukizuula. Ekyo kye tukola.

187 Kati mbadde nkoona bukoonyi ku nsonga enkulu ku bisinga obungi ku bino, naye nsuubira mukitegeera. Era nammwe abanaawuliriza olutambi luno, nsuubira mukitegeera. Ddayo buzzi emabega. Kulaga bulazi nti Yesu yagamba nti, "Ddayo emabega, okuva ku lubereberye, olabe." Ebintu byonna, biddayo ku lubereberye. Muyinza okulaba, leero.

188 Lwaki, abantu, bagamba mbu nkyawa abakazi. Ekyo kyawukanira ddala ku Mazima. Ssibakyawa. Bagamba mbu, "Akyawa abakazi." Mujjukire nti, Pawulo baamuyita akyawa abakazi. Omukazi omu omuweereza, gye buvuddeko yagamba nti, "Ha, olinga Pawulo ow'edda, kye yakolanga kyokka, kwe kutusojjasojja ffe abakazi."

189 Omutukuvu wa Katonda, eyaweebwa obuvunaanyizibwa bw'okuwandiika Bayibuli, Endagaano Empya, ggwe n'owakanya Ebigambo bye? Olaba yagamba nti, "Ka abe Malayika avudde mu Ggulu ssinga ageza n'ayigiriza ekintu ekirala kyonna ekikontana ne Kino kye njogedde, akolimirwe," ate olwo ggwe omubuulizi omukazi obukazi.

190 Baagamba nti Eriya yali akyawa abakazi. Yali takyawa bakazi, abakazi aba nnamaddala. B'ataayagala be ba Yezebeeri.

191 Era ekyo bwe kiba kityo, olwo awo Katonda ateekwa okuba nga naye bw'atyo bw'ali, kubanga Ye kye Kigambo ekijja eri bannabbi. Kale ne Katonda ateekwa okuba, nga bw'atyo bw'ali, kale, olaba, Amanyi obutonde nnakabala, "okuva ku lubereberye," Bw'atyo bwe yagamba, "okuva ku lubereberye." Ekigambo kyajjanga eri bannabbi.

192 Era omukazi yamukola ku lwa musajja, so si omusajja ku lw'omukazi. Ekyo mubadde mukimanyi, nti, "Omukazi yakolerwa musajja, naye omusajja si ye yakolerwa omukazi"? Ekyo bameka abakimanyi? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Bayibuli bw'etyo bw'eyigiriza. Kale. Omukazi yaweebwa ekifo mu musajja, nga okugwa tekunnabaawo, nga benkana waggulu w'ebitonde byonna. Naye "oluvannyuma" lw'okugwa, kati wano we tujjirayo eky'okuyigako. Naye "oluvannyuma" lw'okugwa, omusajja n'aba nga y'afuga omukazi, nga omukazi ateekwa okusirika mu nsonga zonna, wano nga oluberyeberye olusooka lukomye.

193 Yesu yagamba nti, "Tekyali bwe kityo okuva ku luberyeberye." Awo ebiseera we byatandikira, Katonda bwe yasooka okukikola mu kutonda Kwe okwasooka. Abo bonna abakitegeera, mugambe nti "amiina" omulundi omulala nate. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ku lubereberye Katonda yatonda ekitonde ekisajja kimu n'ekikazi kimu. Naye ye omukazi yakolebwa mu ngeri ya njawulo ku bisolo, ebisolo ebirala byonna, asobole okusendasenda. Kati weetegereze kati, "Tekyali bwe kityo okuva ku luberyeberye." Omukazi yakolebwa, ssinga yasigala mu mbeera eri eyasooka, teyandigudde. Naye ye yavaako okugwa n'okugootaanya okwayonoona enkola ya Katonda yonna eyali etambulira awamu, ne kuleeta okufa, ennaku, na buli kimu kyonna, ku nsi. Omukazi bw'atyo bwe yakolebwa.

194 Kati weetegereze. Kati, *oluvannyuma* lw'olubereberye, *oluvannyuma* lw'olubereberye, *oluvannyuma* nga ebiseera bitandise; emabega eri, bwali Butaggwaawo, wonna. Weetegereze, okugwa okwo bwe kwamala okuleetebwa Kaawa, oluvannyuma lw'okugwa, waali weetaagisa okubaawo endagaano endala ekolebwa. Kati kino mugenda kukyeesittalako, naye ŋŋenda kubawa Ekyawandiikibwa okukakasa nti gano ge Mazima. Kati mweetegereze oluvannyuma lw'okugwa, Yesu yagamba . . . Katonda, ku lubereberye, yakola emu ku bwayo; naye kati, oluvannyuma lw'okugwa, kati wali tugenda kusukkawo. Endagaano yali ya kwenkanankana; naye kati, oluvannyuma lw'okugwa, waliwo endagaano endala eyakolebwa. Kati omukazi yali takyafugira wamu na musajja, buli kumu kwali kuteekwa kuba na ndagaano ya njawulo.

195 Kati leka tulabe oba nga ekyo kituufu. Leka tukebere mu Luberyeberye 3, tulabe oba kino kituufu, kati nga bwe tweyongerayo, kubanga twagala tube bakakafu ku bintu bino, nti biyigiriziddwa bulungi era ne binnyonnyolwa mu ngeri yennyini entuufu. Kubanga oba oli awo wano tulina ekiseera kitono, kuba kati tetubuzaayo kiseera kinene okumaliriza, okutuuka ku kitundu ekisembayo eky'eky'okuyigako, okulaga *lwaki* era *biki* ebikwata ku kwawukana mu bufumbo, n'ebirala.

Kati mu Lubereberye essuula ey'o 3, era kati tujja kutandika n'ey'o 3, n'olunyiriri olw'e 16. Leka tutandikire ku lw'e 14.

> *Mukama . . . n'agamba omusota nti,* (kati Agenda kugukolimira), *Kubanga o—okoze kino, okolimiddwa okusinga ensolo ez'omu nnyumba zonna, . . . n'okusinga buli nsolo ey'omu nsiko;* era *onootambuzanga olubuto lwo*, era *onoolyanga enfuufu ennaku zonna ez'obulamu bwo:*
>
> *Nange obulabe nnaabuteekanga wakati wo n'omukazi, era ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi;* era *lirikubetenta omutwe, naawe oliribetenta ekisinziiro.* (Okusuubiza, "kujja nga kuyita mu mukazi," Masiya, okununula.)
>
> *N'agamba omukazi nti, . . .*

196 Kati labayo, kati yiiyo endagaano n'omusota. Nga ate, bonna tebaalina bulabe buli omu eri munne mu kusooka, ku lubereberye, oba nga olubereberye terunnabaawo.

> *N'agamba omukazi nti, Okwongera nnaakwongerangako ennaku n'okubeeranga kwo olubuto;* era mu *bulumi* omwo *mw'onoozaaliranga abaana; n'okwegomba kwo kunaabanga eri omusajja wo, naye anaakufuganga,* (Tebaddamu nate kwenkanankana n'akatono.)

197 Naye kati omukazi yakyuka, era y'afuga.

> *N'agamba Adamu nti, kubanga owulidde eddoboozi lya mukazi wo, n'olya ku muti, gwe nnakulagira, nga njogera nti, Togulyanga . . . ko: ensi ekolimiddwa* (Adamu si y'akolimiddwa, kati) *ensi ekolimiddwa ku lulwo; mu kutegana mw'onojjanga eby'okulya ennnaku zonna ez'obulamu bwo;*
>
> *Amaggwa . . . n'amatovu g'eneekuzaaliranga; naawe onoolyanga omuddo ogw'omu nnimiro;*
>
> Era *mu ntuuyo ez'omu maaso go mw'onooliiranga emmere, okutuusa lw'olidda mu ttaka; kubanga omwo—omwo mwe waggyibwa: kubanga oli nfuufu ggwe, ne mu nfuufu mw'olidda.*

198 Endagaano bbiri. Kati ekyo kiggalawo "olubereberye," olw'ekyo Yesu kye yayogerako nti, "Tekyali bwe kityo ku lubereberye." Kati tulina endagaano endala. Weetegereze, eno ndagaano ndala. Kati waliwo endagaano y'ekitonde, n'ekyo ekyaggyibwa mu kitonde. Wekkaanye, okugwa kwaleeta emitawaana, okufa, eri buli kitonde kyonna ekyatondebwa, ne wabaawo enkyuukakyuuka mu butonde bwonna. Kati leka twetegereze Yesu kye yakyogera ku, "kuva ku lubereberye si bwe kyali." Kati tekiri "okuva ku," wabula kati kiri "oluvannyuma" lw'olubereberye. Kati waliwo endagaano ya ngeri bbiri.

199 Okusooka yali ndagaano kyokka, Adamu ne Kaawa baali benkanankana, omusajja omu n'omukazi omu. Naye kati omukazi n'ayonoona, awo (n'aba nga akoze ki?) ekyo bombi kyabasuula mu kufa, era Katonda yalina okukola endagaano mu mbeera eyo, endagaano endala. Yiino wano wennyini mu Lubereberye 3:16, yakola endagaano endala.

200 Kati ensi erina okuddamu okuteekebwamu abantu, nga ekyo tekikolebwa mu ngeri ya Katonda nnakabala eyasooka, ku lubereberye, si kuyita mu butonde obwasooka, wabula okuyita mu kwegomba okw'okwegatta. Kati ekyo kyanukula ensonga ekwata ku "lubereberye," si bwe kiri? Ku lubereberye waaliwo omusajja omu n'omukazi omu, ekitonde ekisajja kimu n'ekikazi kimu; naye omukazi bwe yabuuka omusittale ogwo n'aleeta ekibi kino, kati ne kiba nti abantu balina okuddamu okwaala ku nsi, okuyita mu kwegatta, so si mu kutondebwa; wabula kuyita mu kwegatta. Mulaba omukazi waali kati? Kati, naye abantu bwe batyo bwe baala ku nsi, okuyita mu bakazi.

201 Ye nsonga lwaki Yesu yalina okujja ng'ayita mu mukazi, okusobola okukizzaayo nate ku lubereberye lwaakyo olwasooka, awataali kwegomba kwa kwegatta. Ye yazaalibwa mbeerera. Naye, aleruuya, wagenda kujja ekiseera nga tekikyali kya kwegatta kwa mukazi na musajja, wabula Katonda aliyita abaana Be okuva mu nfuufu y'ensi, bakomewo nga bwe baali ku lubereberye, nga si kuyita mu mukazi yenna; wabula okuyita mu kubumbibwa kw'ebbumba n'ekitangaala, n'ebirungo by'amafuta, aliddamu n'Atonda nate nga bwe yakola Adamu omulundi ogwasooka. Yesu kino yakisobozesa, okuyita mu Katonda okwefuula Omuntu n'ajja mu nsi asobole okufa, nga ayita mu mukazi ono. Kati kino kiseera kya kugezesebwa, okuyita mu kibi.

202 Kati awo mulaba, "oluvannyuma" lw'olubereberye, waliwo ekintu ekirala ekyayanjulwa. Kati kino kigenda kubakanga. Mukooye? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Mwongere okukkalira.

203 Kati awo endagaano ey'engeri ebbiri bwe yakolebwa omusajja n'omukazi, okuyita mu kwegatta, endagaano endala okutwalira awamu (si endagaano eyasooka, wabula endagaano endala), kati kiki ekyayanjulwa? Ekitonde ekisajja ekimu okubeera n'ebitonde ebikazi ebisukka mu kimu, mu byonna byonna. Kati awo, oluvannyuma lw'olubereberye, ekitonde ekisajja ekimu okubeera n'ebitonde ebikazi ebisukka mu kimu kwayanjulwa mu bantu ne mu bisolo; oluvannyuma lw'olubereberye, oluvannyuma lw'okugwa. Katonda kaakano, mu nkola ey'okubiri, n'addamu n'ateekawo obutonde obupya, okuyita mu kwegatta. Katonda yatonda obutonde obwasooka awatali kuyita mu kwegatta. Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kaakati eno ndagaano ndala n'obutonde, Agiteekawo mu nkola ndala, nga ya kuyita

mu kwegatta. Endagaano ey'okubiri: ekitonde ekisajja kimu, ebikazi bingi; engabi ennume emu, eggana ddamba ery'enkazi. Ekyo si bwe kiri? Ente emu ennume, ekiraalo kiramba eky'ente, ente enkazi; sseggwanga emu, oluggya lulamba olw'enkoko enkazi. Ekyo si bwe kiri? Dawudi omu, alina omutima nga Ogugwe Gwennyini, nga alina abakazi bitaano; n'azaalirwa abaana kikumi, mu mwaka gumu, mu bakazi ab'enjawulo, um-hum, omusajja alina omutima nga ogwa Katonda Gwennyini. Sulemaani omu, nga alina abakazi lukumi. Naye kati weetegereze, tekyali bwe kityo ku lubereberye, naye kati kiri "oluvannyuma" lw'olubereberye. Omukazi y'akola kino, ky'avudde afuuka ky'ali kati. Mukiraba?

204 Dawudi, kabaka eyali ayoleka Kristo! Ekyo mukinyweereze mu birowoozo byammwe. Dawudi yali ayoleka Kristo. Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kristo atudde. . . alituula ku nnamulondo ye. Ate Dawudi ono, omusajja alina omutima nga ogwa Katonda Gwennyini, yalina abakazi ebikumi bitaano. Mulaba kye ntegeeza? Dawudi ne abakazi be ebikumi ebitaano, Sulemaani n'olukumi lwe. Ate Sulemaani ye mutabani wa Dawudi, mu mubiri; ekyali kyoleka Yesu Kristo, Omwana wa Dawudi, mu mwoyo. Naye obwo bulamu bwa butonde, buva mu kwegatta. Kino kyo kigenda kuba kya mwoyo, nga kitondeddwa butondebwa, lwaki, nga kitondeddwa butondebwa. Mukiraba? Bwe kityo bwe kyali ku lubereberye, naye si bwe kiri kati mu bulamu buno bwe tulimu kaakati.

205 Mweetegereze, kino tekibayitako kati, kyonna mukiteeke mu mitima gyammwe. Naye tewali n'omu ku bakazi abo bonna yali asobola kuba na baami basukka mu omu. Omusajja ye kitonde nnakabala, so si omukazi. Tewali mukazi n'omu mu bakazi abo yali asobola kuba na baami basukka mu omu, naye ye omwami omu yali asobola okuba n'abakyala lukumi. Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Eyo ye Bayibuli. Kati nzizeeyo emabega, ntutte ekiseera okubalaga eri emabega gye kyatandikira, kiri Yesu kye yagamba. Kati mukiraba bulungi? Baali basobola okuba n'abangi nga. . .

206 "O," oyinza okugamba nti, "ebyo byali bya Israeri yokka." Bwe kiri?

207 Ibulayimu bwe yatwala Saala emmanga mu nsi y'Abafirisuuti, waaliyo eyo kabaka eyali ayitibwa Abimereki. Era Saala yali wa myaka kikumi, gyennyini, naye yali akyusiddwa n'afuuka omuwala omuvubuka era ng'alungiyiziddwa. Ekyo mukimanyi? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale. Abimereki n'ayagala amufuule mukyala we. Mujjukira Obubaka bwange ku ekyo? Abimereki yayagala atwale Saala abeere mukyala we. Oba oli awo yalina olwebeeya lw'abakazi, naye yali tasobola kumutwala nga ate yafumbirwa Ibulayimu. Kale Ibulayimu kye yava

agamba Saala nti, "Gamba nti oli, 'mwannyinaze,' kubanga ajja kunzita asobole okukutwala." Lwaki teyagoba bugobi Ibulayimu mu ggwanga, n'atwala mukazi we n'agenda mu maaso? Etteeka lyali terikola ku bakkiriza bokka, naye ku bantu bonna abaatondebwa. Oba oli mwonoonyi oba mutukuvu, ovunaanyizibwa, musajja ggwe, olw'ebikolwa bino. Oyo yali kabaka mukaafiiri. Bameka abamanyi ebyafaayo ebyo nti bituufu? ["Amiina."] Eyo Bayibuli, Olubereberye, awo nga mu ssuula ey'e 16, ndowooza.

208 Okiraba nti, Abimereki yandibadde amwewasiza. Yeetegeka bulungi atere yeefunire omuwala ono Omwebbulaniya omupya. N'agamba nti, "Ono ye. . . wange." N'omukazi n'agamba nti, "Oyo mwannyinaze."

Omusajja n'agamba nti, "Oyo mwannyinaze."

209 Abimereki n'agamba nti, "Kale nno nja kumwewasiza." Oyinza okukubamu akafaananyi omusajja okukola ekintu ekifaanana bwe kityo? Naye yakikola.

210 Era mu kiro ekyo, bwe yagenda okwebaka, Mukama n'amulabikira mu kirooto, n'amugamba nti, "Abimereki, kyenkana oli mufu." Yali akuuma olwo, olubu lw'omusaayi gw'Abayudaaya ogwo, okiraba. N'agamba nti, "Ggwe kyenkana oli mufu. Olina muk'omusajja gw'oteekateeka okuwasa."

211 N'agamba nti, "Mukama wange, omanyi obugolokofu bw'omutima gwange." N'agamba nti, "Si ye yaŋŋambye nti oli 'mwannyina'? N'omusajja yennyini si ye yagambye nti, 'Oyo mwannyinaze'?"

212 N'agamba nti, "Mmanyi obugolokofu bw'omutima gwo, ye nsonga lwaki Mbadde ssisobola kukuganya kwonoona Gyendi." Si bwe kiri? N'agamba nti, "Muddize mukyala we, kubanga omusajja oyo nnabbi Wange. Era okuggyako nga omuddiza mukyala we. . . Era leka y'aba akusabira, so si kabona wo. Bw'atakusabira, eggwanga lyo lyonna lijja kuggwaawo." Amiina. Ekyo kye kisa ekyewuunyisa. Ddala. "Eggwanga lyo lijja kuggwaawo. Oyo omukazi wa musajja oyo, ate omusajja oyo nnabbi Wange." Amiina. Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Ebyo bye Byawandiikibwa. Ddala.

213 Kaakati tulaba nti, okufa kwaleetebwa. Okufa kwaleetebwa kwonoona kwa mukazi, kwayita mu mukazi so si mu musajja. Okuyita mu ngeri gye yatambuzaamu obulamu bwe, n'okuyita mu ye nga omukazi, okufa kwonna mwe kuyita. Omukazi engeri yennyini gy'aleetamu obulamu kufa kwereere. Ekyo bameka abakimanyi? Yobu 14, bw'oba wandyagadde okuwandiika Ekyawandiikibwa ekyo.

214 Nnina, kino bw'oba okiwakanya, nnina Ebyawandiikibwa bye nnawandiise ku buli emu ku nsonga zino.

215 Bwe muba mwandyagadde okusoma mu Yobu 14, Wagamba nti, "Omuntu azaalibwa omukazi aba wa nnaku si nnyingi, era ajjudde okutegana." Ekyo si bwe kiri? "Aloka nga ekimuli, era asalibwa, n'aggwaawo," n'ebirala. Mukiraba? Buli muntu azaalibwa omukazi, azaalibwa mu kufa amangu ddala nga yakazaalibwa.

216 Naye bw'azaalibwa mu butonde bwa Katonda, tasobola kufa; aba ava ku Muti guli omulala ogwali mu lusuku Adeni, Kristo. Obulamu Obutaggwaawo bujja kuyita mu Muti ogwo.

217 "O," oyinza okugamba nti, "omukazi yali muti?" Ddala. "Kuba, baagamba nti, 'Temulyanga ku muti guno.' Katonda yagamba, emabega eri mu Lubereberye nti, 'Temulyanga ku muti guno.'"

218 Kale, omukazi gwe muti. Omukazi gwe muti gw'ebibala. Oli kibala kya nnyoko. Ggwe kibala ky'enda. Ky'ekyo. Kati ate ekibala ky'Omuti ogw'Obulamu, ogwali mu lusuku Adeni, ye Kristo. Okuyita mu mukazi okufa mwe kwajjira; okuyita mu Musajja, mu butonde nnakabala, Obulamu mwe bwajjira. Okuzaalibwa omukazi kufa kwereere; okuzaalibwa Kristo bwe Bulamu. Ekirowoozo mukifuna? Weewo. Kati mulaba balubaale abakazi gye baalaga, temulabayo?

219 Adamu ne Kaawa abaasooka baayoleka ekifaananyi kya Adamu ne Kaawa ab'okubiri, mukiraba, okwala. Kati okwala kwa Adamu ne Kawa kwali kwa kuyita mu kwegatta, okujjuza ensi, naye ku lubereberye bwe kityo si bwe kyali. Katonda yakola bukozi ekitonde ekisajja n'ekikazi, nga bwe yakola ebitonde Bye ebirala byonna, mulaba, kiri mu mateeka, okufaananira ddala nga Ekkanisa.

220 Kati leka, nga bwe tulaba mu Mazima ga Katonda gano agakakasiddwa, tweyongereyokko okunoonya, bwe muba mwagala. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale. Kati nno kino kyandikosaamukko katono okutuusa nga tutuuse ku ntobo yaakyo, naye ŋŋenda kubalaga bulazi Amazima gaakyo.

221 Teri muweereza ayinza kuwasa nnamwandu. Ekyo mubadde mukimanyi? Ekyo mwandyagadde okukisoma? Kale, okisanga mu by'Abaleevi, mu Ky'Abaleevi 21:7 ne Ezekyeri 44:22, era Kijja kukulaga nti bakabona baali tebalina kuwasa mukazi yali akwatiddwaako musajja. Kino kifaananyi kya Mugole wa Yesu Kristo embeerera, kubanga be baakwatanga Omuliro gwa Katonda, bakabona kye baakolanga, batabani ba Alooni. Tetulina biseera kubisoma byonna, ate tufulume mu ttuntu, tusigazza eddakiika abiri. Kati abo be batabani ba Alooni abaakwatanga o—o—Omuliro gwa Katonda, kale nga tebasobola kuwasa mukazi yali akwatiddwaako musajja mulala. Katonda atakyukakyuka bwe yagamba. Baali tebasobola kuwasa mukazi mulala, omukazi eyali akwatiddwaako omusajja omulala, nga kyoleka mu kifaananyi wano, bwe muba mwagala okukiraba,

nti Ekkanisa ya Katonda omulamu, kye Kigambo kya Katonda ekirongoofu, ekitali kitabulemu, so si eddiini eyagunjibwa ekwatiddwakwatiddwaako abantu.

222 Mwetegereze, leka tusome kino wano. Kino njagala kukibalaga. Matayo 5, Yesu alina kye yayogerako wano ekikulu ennyo ddala. Twagala tukirabe, Matayo 5. Nnawandiise ku. . .

223 Nnalambye ebimu ku bintu bye nnabadde ŋŋenda okwogera eri omusajja yekka, kale ekiseera mbadde na kitono okubyogera mu maaso ga bannyinaffe. Naye njagala oku—okufuluma wano kati nga ssinnaba ku. . .

224 Kati, mwannyinaffe, njagala nkuteeke mu kifo Ekigambo kya Katonda we kyakusuubiza, era laba nti osigala mu kifo ekyo, naawe.

225 Matayo 5:32. Njagala mwetegereze wano, okusobola okuwagira endowooza y'emu eno eya "omu" ne "abangi." Matayo, asatu-mu-. . .Ndowooza kiri Matayo 5:32, okutandika n'olwa 31.

> *Baagambibwa nate nti, Omuntu bw'agobanga mukazi we, amuwanga ebbaluwa ey'okumugoba:*

226 Oyo Yesu y'ayogera, Oyo eyagamba nti, "okuva ku lubereberye." Kati weetegereze.

> *Naye nange mbagamba Nti, buli agobanga mukazi we, wabula. . .okumulanga* ogw'obukaba, *ng'amwenzezza; . . .*(mulaba) *buli agobanga mukazi we, wabula. . .ogw'obukaba, ng'amwenzezza:* (Lwaki? Kuba ajja kuddamu afumbirwe.) *n'oyo awasanga gwe baagoba, ng'ayenze.*

227 Olaba, bba waali mulamu, n'olwekyo tewali musajja ayinza kumuwasa. Ssifaayo oba akola ki oba y'ani, bba waali mulamu, talinaawo mwagaanya gwonna. Naye, si bwe guli, eri omusajja. "Omukazi kimuviirako," so si omusajja. Mukifuna? Olina okukakasa nti Ekigambo kikwatagana. Okiraba, tewali kigamba nti ye omusajja tayinza, naye omukazi tayinza. Okiraba, "omukazi kimuviirako," so si omusajja. Ky'ekyo kyennyini Bayibuli ky'egamba nti "omukazi kimuviirako." Omusajja si y'agaanibwa okuddamu okuwasa, wabula "omukazi." Lwaki? Kyoleka kifaananyi kya Kristo.

228 Weetegereze, kigambye nti omusajja tasobola kuddamu kuwasa, okuggyako nga awasa mbeerera yokka. Omusajja asobola okuddamu okuwasa. Asobola okuwa-. . .asobola okuddamu n'awasa bw'aba nga gw'awasa mbeerera, naye tayinza kuwasa muka musajja. Nedda n'akatono. Era ssinga awasa omukazi eyayawukana ne bba mu bufumbo, awo aba ali mu bwenzi, ssifaayo ne bw'aba musajja ki. Bayibuli egamba nti, "Yenna awasa oyo eyagobebwa, aba ali mu bwenzi." Kiikyo awo, si kufumbiriganwa n'abo abaayawukana mu bufumbo.

229 Mulaba ekyasooka emabega eri, "okuva ku lubereberye," kaakati? Okuddamu okuwasa, kati mwetegereze, ye omusajja asobola, naye omukazi tayinza kuddamu kufumbirwa. Okufaananako nga Dawudi, nga Sulemaani, nga Bayibuli yonna bw'ekwatagana, kati, era nga Dawudi n'abalala bonna abasigaddewo.

230 Kati okiraba mu Bakkolinso Ekisooka 7:10, weekkaanye, Pawulo alagira omukyala oyo, aba ayawukanye ne bba, okusigala nga ali bw'omu oba si ekyo addiŋŋane ne bba, so si kufumbirwa musajja mulala. Omukazi ateekwa kusigala bw'omu, oba si ekyo addiŋŋane ne bba. Omukazi tasobola kufumbirwa musajja mulala. Ateekwa kusigala bw'omu, naye, weetegereze, omusajja teyamwogerako. Okiraba, Ekigambo tosobola kukirimbisa. "Okuva ku luberyeberye," etteeka ly'okwegatta olw'okuwasa abasukka mu omu. Kati, Ekigambo kya Katonda kitambulira wamu n'obutonde bwa Katonda, nga bikwatagana.

231 Mulaba bwe waliwo enjigiriza emu eyakwata ebuvanjuba, ate endala n'ekwata ebugwanjuba, ku bikwatagana kw'ekyo? Olina okukomawo ku Mazima, okuzuula kiki kye kiri.

232 Kibaddenga bwe kityo bulijjo, eyo ye ndagaano eya bulijjo ne Katonda okuviira ddala ku lubereberye. *Mu kusooka,* nga oluberyeberye terunnabaawo, okuva ku luberyeberye byali kimu kimu. Ekibi bwe *kyamala* okuyingira, ne walyoka wabaawo omusajja omu n'abakazi abangi; ne kitambula bwe kityo mu butonde, buli nsolo, ne mu bantu era omubiri gw'obutonde gwa nsolo. Tuli bisolo ebirina omusaayi ogubuguma era ebiyonsa abaana baabyo, ekyo tukimanyi, ffenna, okiraba, era bwonna butonde bwa Katonda nga bukwatagana.

233 Naye kati nga bwe kiri nti Obubonero bubikkuliddwa, Omwoyo w'Amazima atusongera ku Kigambo. Ekyo kinnyonnyola ensonga lwaki wabaddewo ensobi ezo zonna okuyita mu mirembe gyonna, lwa kuba Obubonero bwali tebubikkulwanga, Kino kyali tekibikkulwanga. Kituufu.

234 Weetegereze, toyinza, toyinza kulemesa bisiikirize kwoleka makulu. Nga bwe nnababuulidde akawungeezi k'eggulo ku kisiikirize nga kikoleddwa wansi ku ttaka, kirina okuba nga kyakula nga ekintu kyennyini kwe kiva. Wayinza watya okubaawo ekisiikirize ky'enjovu wansi ku ttaka nga etambula, ate ne wavaayo akasajja, akawanvuyirivu akakovvu okuba nga ye enjovu, oba ne wavaayo enjovu nga kye kisiikirize ky'akasajja, akawanvuyirivu akakovvu?

235 Kati bw'okyetegereza mu kifaananyi kyaakyo kyennyini ddala.

236 Kati, waliwo omukazi yennyini omutuufu, omukazi yennyini omutuufu, embeerera, afumbirwa bba, era n'abeerawo mu bulamu, era abeera wa mukisa eri omusajja. Katonda ssinga

yali wa kuwa mwana We ekintu ekirungi ennyo okusinga ku mukyala, yandikimuwadde.

237 Wabula yawundibwa lwa kikolwa kya kwegatta, era teri nsolo ndala yonna yawundibwa mu ngeri eyo. Teri kitonde kirala kyonna ku nsi kyawundibwa mu ngeri eyo. Eyo ye nsonga lwaki olaba okuwasa abakazi abasukka mu omu, lwa nsonga eyo. Ekyo kye kyakireetamu.

238 Kaakati mulabeeyo, mu nkomerero ya byonna, mulabeeyo, waliwo Yesu Kristo omu (si bwe kiri?), Omusajja omu, Katonda, Emmanweri. Ekyo mukikkiriza? Naye bammemba abali mu Mukyala We bangi, mukiraba, nkumi emirundi nkumi za nkumi (bwe kiri?), Mukyala We, Omugole, Ekkanisa. Kati mukitegeera?

239 Eyo ye nsonga lwaki yagamba Adamu, okwegatta bwe kwali tekunnaba na kuyingizibwamu manya kuyingizibwawo nti, "Mwale, mujjuze ensi," bwe yali akyali ku lubereberye, nga akyalimu byombi ekisajja n'ekikazi mu ye. Awo, ekyo kiba kiraga nti Omugole alina kuva mu Kigambo, okuyita mu kwala okw'omwoyo, okwala, mukiraba, okujjuza ensi.

240 Kati mu kikolwa eky'okwegatta, mulabe, entaputa z'enjigiriza ze zaatabika ebintu bino ebibiri. N'olw'ekyo tosobola kukikola, olina okukikomyawo ku Mazima gaakyo, "ku lubereberye."

241 Era ku nkomerero walibaawo Mukama Yesu omu, n'Omugole We akolebwa abangi, omu. Mukifuna? Waaliwo Dawudi omu ku nnamulondo emu, kabaka omu (alina omutima nga ogwa Katonda Gwennyini) nga alina abakazi bitaano. Yesu nga atudde ku Nnamulondo Ye (Aleruuya!) mu kufuga okw'emyaka Olukumi, n'Omukyala; nga bwe kyali ku lubereberye, atondeddwa okuva mu nsi, nga atondebwa omukono gwa Katonda Omuyinza wa byonna, mu kuzuukira, kwa bammemba abangi. Kiikyo.

242 Abakazi, mufube okubeera ekyo, muyingire mu Kristo, olwo temujja kubeera mu bugwagwa buli obuli ebweru eyo. Naye kasita oba bubeezi mmemba wa kkanisa agezaako okutambula n'okweyisa obulungi, ku lulwo, tolisobola. N'omusajja tasobola kukikolera wabweru wa Kristo. Nga Pawulo bwe yeeyongera mu maaso n'agamba nti, "Naye, mu Kristo, tewali musajja era tewali mukazi." Bonna bali omu.

243 Naye kino eky'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana* okusobola okukigolola, musobole okutegeera kiki ekyali ekituufu na kiki ekyali ekikyamu, kati Akiraga wano bulungi mu by'okugeraageranya bino. Waliwo Kristo omu, ne bammemba bangi abakolwamu Omukyala oyo. Mwekkaanye, Ye asobola okutugoba olw'obukaba obw'omwoyo n'enjigiriza enkyamu, wonna w'Aba ayagalidde; naye ggwe oyinza otya okwetantala okumwawukanako, n'omalako? Omusajja asobola okugoba mukazi we n'awasa omulala; naye si mukazi kunoba ku

bba n'afumbirwa omulala. Mulaba ebisiikirize byonna n'eby'okugeraageranya bwe bikwatagana? Mulaba ekitonde nnakabala; so si kiri ekyaggyibwa mu kirala. Si kkanisa; wabula Omugole okuyita mu Kigambo. Si mukazi; wabula omusajja, buli mulundi. Ye nsonga lwaki tekirina kye kyogera ku kugaana musajja kukikola; wonna kyogera ku mukazi. Ky'ekyo kyennyini.

244 Naye omukazi asobola okuba Omugole wa Kristo, okuyita mu kubeera . . . Ate mujjukire nti, nga bw'ali kitundu ku musajja, Bayibuli egamba asobola oku- . . . "Naye omukazi mmugaanyi okuyigirizanga, oba okweddiza obuyinza bwonna, wabula okusirikanga. Kubanga Adamu ye yasooka okukolebwa, n'oluvannyuma Kawa. Era Adamu si ye yalimbibwa, naye kiri ekyaggyibwa mu kirala kye kyalimbibwa. Wabula anaalokolebwa *ssinga* anaanyiikiranga mu butuukirivu n'okwegendereza, ne mu kuzaala abaana, n'ebirala bwe bityo," kubanga olwo aba afuuse kitundu ku musajja ono. Ekyo kye kireeta . . .

245 Lwaki Ibulayimu teya . . . Lwaki Katonda teyattirawo Saala eyali atudde awo wennyini, nga yeegaana, nga alimba awo wennyini mu maaso ga Katonda? Nga atudde awo nga Omuntu ow'omubiri ogufa, nga alya ennyama, alya omugaati, nga bw'anywa n'amata, n'Abuuza nti, "Lwaki Saala asese emabega eyo emmanju," emabega We, mu weema, Ye yali tannamulabako, "bwe yeebuuza nti, 'Bino bisoboka bitya?'"

246 N'agamba nti, "Ssinnakyogerako!" O, ooo, bannange! Okugamba Katonda nti mulimba, butereevu mu maaso Ge? Naye yali tasobola kumuggyawo. Lwaki? Kitundu ku Ibulayimu. Amiina. Yali tayinza kulumya mukazi n'atalumya Ibulayimu.

247 Kati mmwe abakazi mulaba we mugwa. Ate Bayibuli egamba nti, "Mmwe abakazi mufaanane nga Saala bwe yali, eyeeyonjanga mu byambalo ebisaana, n'aba mwesimbu era mwesigwa eri bba, nga amwagala nnyo n'okutuusa nti ya . . . yamuyitanga 'mukama we,'" amufuga, amulinako obwannannyini.

248 Kyokka mmwe, abamu ku bakazi, mwambala engoye zino ezeesittaza ne mugenda nga mweyisa mu maaso g'abasajja. Yesu yagamba nti, "Oyo yenna atunuulira omukazi okumwegomba aba ayenze naye mu mutima gwe." Olwo ani gwe gusinga, omusajja oba ggwe? Ye musajja, yakolebwa nga asobola okukola ekikolwa kino, okiraba; ate ggwe oli mukazi, ggwe ateekwa okugaana.

249 Naye lwaki weeyanjala bw'otyo? Tokikola lwa kuwulira bulungi, okimanyi bulungi nti si bwe kiri, kubanga otuuka n'owulira nga obunnyogovu bubula kukutta nga oyambadde empale ezo ennyimpi. Okiraba, tekisoboka kuba lwa kuwulira bulungi. Kati kiki ekikikukoza? Lwa buseegu! Tosobola

kukikkiriza, naye Bayibuli bw'egamba. Ge Mazima. Ogwo mwoyo gwa buseegu gwe gukulimu. Tewandyagadde kuba museegu; naye bambi tokimanyi nti, mu mwoyo oli museegu, kubanga weeyanjala nga omuseegu.

250 Kati, ye omusajja, obuviivi bwe, buddugala, bukalubo bufufunyavu, ne bw'aba kyenkana tayambadde ngoye, tewabaawo njawulo, omubiri gwe teguleeta kikemo. Lwaki? Ye yali mu butonde nnakabala, embala ye; bw'atyo bw'ateekwa okuba, okiraba. Naye, ggwe waliwo kye waggyibwamu, okozesebwe okukema.

251 Katonda, tusaasire! O, bannange, ensi eno ejjudde ekibi! Ndisanyuka nga kiweddewo.

252 Mulabe, Ye asobola okugoba mukyala We wonna w'aba Ayagalidde, naye ye omukazi tasobola kugoba Bba; Asobola okukinkola, Asobola okunkasuka mu nfuufu wonna w'Akirowoolezaako, naye, ha, ow'oluganda, nze ssigezanga ne nnepanka okumusuulawo Ye, ebyange biba bikomye.

253 Sulemaani yali asobola okuwasa omukazi yenna ataali mufumbo, yali asobola okuwasa omukazi yenna gwe yabanga ayagadde. Kabona ye yali asobola kuwasa mukazi mbeerera yekka. Sulemaani . . .

254 Nga Dawudi, yawasa (kozzi erinnya lye yali ani?) Abigayiri. Okugeza, waaliwo omusajja eyali ayitibwa "omusiru," eyalina omukazi omulungi, naye omusajja n'afa. Awo Abigayiri n'afumbirwa Dawudi; yali kabaka, si kabona, mukiraba, kale ya—yawasa.

255 Naye kabona ekyo yali tayinza kukikola, kubanga awo yabanga akutte ku mukazi oba nga atutte omukazi eyaliko muk'omusajja n'amufuula mukyala we. Kati ekyo kiraga Ekkanisa ya Mukama waffe Yesu Kristo nga bw'eri embeerera, Omugole ajja kuba, Kigambo ekitatabuddwamu kintu kyonna, nga temuli Kigambo wadde ekimu ekibulamu. Ddala ddala. Ggwe oyinza okukubamu akafaananyi ak'omugole ddala, nga ebbeere erimu teririiko, ate, nga eddala, liriko ekikyamu, omanyi? Oyo si y'agenda okuba Omugole wa Kristo. Ye taliiko kamogo. Ye yenna Kigambo kyereere, taliimu Kigambo kyonna kiremererwa. Nedda.

256 Wekkaanye, Asobola okumugoba, naye ye omugole tasobola kugoba Bba. Yakikola, yamala dda okukikakasa, mu biro bya Luther, Wesley, n'Abapentekoote, bwe baagaana okufuuka ekitundu Kye ekyeyongerayo mu maaso okuyita mu kubeera n'enkolagana ey'okwegatta mu mwoyo okusobola okufuna olubuto n'ekitundu ekyeyongerako mu maaso eky'Ekigambo. Mukitegeera? Omukazi yakigaana. Ekkanisa y'Abaluzalaani yagaana Kristo okuddamu okuba n'okwagala gy'eri; Luther yakigaana. Era ne kino leka nkyogere, ndaba mu buli ngeri mugenda kubaako ne kye mumpita; bwe kityo bwe kiri ne

leero ku buli emu ku zo, bagaana okutwala Ekigambo ekyo, bagaana Kristo!

257 Ate omukazi yenna agaana okuzaalira omusajja omwana, talina bbeetu lya kuba mukyala wa musajja oyo. Amiina. Mujjukira, mu Bayibuli, kabaka bwe yawasa Eseza? Olw'okuba nnaabakyala yagaana, yeefunira bwefunizi mulala. Era bwe. . . Kiki ekyaddirira omukazi bwe yagaana okufuluma ne kabaka n'okumugondera? Bwe kityo bwe kiri eri omukazi agaana okuba omukyala eri bba.

258 Bwe kityo bwe kiri ne ku kkanisa egaana okufuna olubuto mu mulembe guno gwe tulimu, okuzaala abaana ob'omulembe guno. Tetuli Baluzalaani, tetuli ba Wesley, era tetuli Bapentekoote! Tulina kuba baana ab'omu mulembe guno, okuyita mu kufuna olubuto lw'Ekigambo kya Katonda, okusobola okuzaala Omwana ow'omu mulembe guno, Omwana Ensigo. Amiina. Nsuubira mukitegeera. Yagaana okufuna olubuto lwe, nedda, kati awo Ye n'akola ki? N'ayawukana naye, mu bufumbo. Ky'ekyo. Naye ye omukazi tasobola kwetantala kugoba Bba. Omwami ye yagoba omukazi.

259 Yeeyongera mu maaso nga abikkula Ekigambo Kye eri Omubiri, era nga Amukakasa, ye kennyini, nga y'Amwekakasiza. Abaana Be bagenda batandiikiriza okumufaanana, kubanga egenda ekulira ddala, oba, bafuuka baana ba Kigambo, so si baana ba kkanisa. Baana ba Kigambo! Era Omugole ajja kuba Omukyala alabika obulungi ow'Ekigambo, ekitatabuddwamu kintu kyonna, atakwatiddwako kibiina kyonna eky'obuntu ekyagunjibwa, wadde endowooza yonna ey'obuntu. Ajja kuba mulongoofu ddala nga tatabuddwamu kintu kirala kyonna, Omugole ow'Ekigambo! Amiina era amiina! Nsuubira ekyo mukitegeera, mmwe abawuliriza eyo ku mpewo. Ajja kuba muwala wa Katonda ali olubuto.

260 Mulaba omukazi bw'ayinza okuba ekintu eky'ekitiibwa ennyo? Mulaba ekkanisa bw'eyinza okuba ekintu eky'ekitalo, naye mulaba obugwagwa we bugituusizza? Bw'omala nga ogezaako okugeraageranya ekkanisa eri ebweru eyo n'Ekkanisa eno wano, tosobola kukikola. N'ogezaako okugeraageranya malaaya ow'oku luguudo n'Ekkanisa ya Katonda omulamu; oba omukazi, omukazi yennyini ddala, ne malaaya?

261 Lwaki waliwo ebintu ebifaanana bityo? Eryo tteeka lya Katonda, etteeka ly'okukontana kw'ebintu. Twandisobodde tutya okunyumirwa obudde obw'emisana ssinga tewaaliwo kiro? Twandisobodde tutya okunyumirwa ebiseera by'akasana ssinga tewaaliwo nkuba? Twandisobodde tutya okusanyukira n'okussa ekitiibwa mu mukazi owa nnamaddala, ssinga tewaaliwo mugweenyufu?

262 Yeeyongererayo ddala nga akibikkula, nga abikkula Ekigambo Kye, naye leka omu ku ffe yeetantale okumunobako mbu afumbirwe omulala.

263 Kati, mu butuufu kyeraga lwatu lwaki endowooza zombi nkyamu. Tosobola kukizza *eno*, kiba tekikola makulu; ate bw'okizza *eri*, kiba kijja kuyitirawo ddala ne ku kisuubizo. *Wano* we wali ekisuubizo, wano wennyini ekintu we kiri. Ekigambo tekyekuba mpawa. Kirina okusigala nga kikwatagana, nga Matayo 28:19 bwe kitakontana na Bikolwa by'Abatume 2:38.

264 Kati, abamu ku mmwe abakazi, n'abamu ku mmwe abasajja, nki—nkimanyi nti—nti kino temukkiriziganya nakyo. Kubanga, omanyi, ekyo kati toyinza kukikweka. Toyinza.

265 Naye leka mbeeko ne kye mbalaga. Ssinga Matayo 28:19 yagamba nti, "Kale mugende, muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu Linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," ate bo ne bakuba enkyukira, ne kiba nti buli muntu yenna eyabatizibwa yabatizibwa mu ngeri ekontana n'ekyo, nga abatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, kubanga kyali bwe kityo ne mu biro bya Bayibuli byonna n'okumala emyaka ebikumi bisatu oluvannyuma lw'ebiro bya Bayibuli, okutuuka ku Lukiiko lw'e Nikeya. Awo we baayingirizaamu ebigunje mu kifo kya kiri. Njawulo ki eriwo, bwe kiba tekyabikkulwa?

266 Ye mukimanyi nti Ekitabo kyonna, Bayibuli yonna mu bulamba, kubikkulirwa? Bw'otyo bw'olina okumanya amazima wakati wa kino ne kiri, kuba kwonna kubikkulirwa. Ate okubikkulirwa kuteekwa okuba nga kukwataganira ddala n'Ekigambo, so si kukontana na Kigambo. Oyinza okugamba nti, "Naye, nze, kyambikkulirwa." Naye bwe kiba kikontana n'Ekigambo, kitegeeza tekyava eri Katonda. Ky'ekyo.

267 Kati bwe muba mwagala okutwala Mat-. . . Matayo 16:18. Yesu yagamba, Mwene, nti Ekkanisa yonna, Ekkanisa Ye, yali ya kuzimbibwa ku kubikkulirwa okw'omwoyo okwa kiki ky'Ali, nga ekyo kye Kigambo. "Nkugamba nti, ggwe Peetero. . . Era omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino, wabula Kitange ali mu Ggulu y'akikubikkulidde. Era ku lwazi luno. . . "

268 Kaakati, mmanyi nti, mikwano gyaffe Abakatuliki abali eyo, mugamba mbu, "Yazimbibwa ku Peetero, oyo Peetero omutume, kale, *Gundi,* mu nkola y'ekitume, ey'ensikirano."

Ate Abapulotesitante ne bagamba mbu, "Yazimbibwa ku Yesu Kristo."

269 Ssaagala bwagazi kuba wa njawulo, naye twala butwazi Ye bye yayogera! Yagamba nti, "Omubiri n'omusaayi ssi bye bikubikkulidde kino, wabula Kitange ali mu Ggulu y'akikubikkulidde. Era ku lwazi luno" (okubikkulirwa okw'omwoyo okw'Ekigambo kye kiri) "Kwe Ndizimba Ekkanisa Yange; n'emiryango gy'emagombe tegiriginyeenya kugissa

wansi." Mukyala We tajja kukemebwa basajja balala. "Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegisobola kuginyeenya."

270 Kati Abeeri ne Kayini, mu lusuku Adeni. Kayini yafuna entegeera eyiye ku bubwe, n'agamba nti, "Kati, labayo, Katonda ye Katonda omulungi. Y'afuga obutonde bwonna, n'olw'ekyo nja kufunayo ebijanjaalo ne lumonde, era nfuneyo n'e—n'ebimuli, mmuzimbire ekyoto ekirabikira ddala obulungi." Eyo ye kkanisa. Yafukamira wansi. Yakkiriza Katonda. Yasinza Katonda, n'ayimusa emikono gye, n'awaayo ssaddaaka eno. Yakola buli kimu eky'obutuukirivu Abeeri kye yakola.

271 Abeeri yazimba ekika ky'ekyoto kye kimu. Naye Abeeri bwe yaleeta eyiye, yaleeta kaliga. Kati, Kayini ye yalowooza nti, okusobola okutangirira ekibi, nti kitaawe ne nnyina bateekwa okuba nga baalya kibala, nga bwe baali baayigirizibwa mu lusuku olwo. Naye ye Abeeri, olw'okubikkulirwa okuva eri Katonda, yakitegeera nti gwali musaayi gwe gwakikola. Olw'okubikkulirwa okuva eri Katonda! Bayibuli kwe kugamba mu Abaebbulaniya, essuula ey'e 12, essuula ey'e 11, nti, "Abeeri, olw'okukkiriza," (okubikkulirwa) "yawaayo eri Katonda ssaddaaka esingako ku ya Kayini obulungi, Katonda gye yamuweerako obujulizi nti yali mutuukirivu." Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Amiina! Muganda wange, mwannyinaze, ekyo kyeragira ddala lwatu ddala, ku lwange. Ekintu kyonna ky'ekyo awo.

272 Kati ku *Kufumbiriganwa n'Okwawukana,* mukiraba, kirina kubikkulwa. Okutuusa nga kibikkuddwa, oba tokimanyi. Naye yasuubiza nti mu nnaku zino ez'oluvannyuma, mu mulembe guno, nti buli kyama ekyakwekebwa mu Bayibuli kiribikkulwa. Ekyo bameka abakimanyi? Okubikkulirwa, essuula ey'e 10! Yesu yakisuubiza, nti ebyama bino byonna ebyakwekebwa ebikwata ku—ku *Kufumbiriganwa n'Okwawukana,* ebyama ebirala bino byonna ebibadde byakwekebwa, biribikkulwa mu kiseera eky'enkomerero. Kati mujjukire nti, Eddoboozi lyagamba nti, "Genda e Tucson." Mujjukira Ekitangaala ekitategeerekeka mu bwengula? nga Malayika ow'omusanvu ayimiridde awo? okukomawo, n'okubembulwa kw'Obubonero Omusanvu. Mwetegereze ekyabaawo. Ekyo kituufu.

273 Kati tweyongereyo katono. Naye kati, muwulirize! Mmanyi nti ekiseera kyammwe eky'okugenda okulya kituuse, naye nze mpoomerwa. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

274 Mwetegereze, kati, omukazi alina ekifo kye, era ye omukazi jjinja ery'omuwendo. Sulemaani, ono omusajja eyalina abakyala omutwalo. . .ntegeeza eyalina abakyala olukumi, manya, yagamba nti, "Omusajja aba azudde omukazi ow'okuwasa, aba azudde ekintu ekirungi." N'agamba nti, "Omukazi omulungi abeera jjinja ery'omuwendo mu ngule ya bba," ekyo kya kitiibwa.

"Naye atali mulongoofu abeera mazzi mu musaayi gwa bba," nga bwe bulamu bwe. Yagamba nti, "Mu basajja lukumi mwandisangibwamu omu omutuukirivu," kino Sulemaani ye yakyogera, "naye," n'agamba nti, "toyinza kusanga mukazi omu bw'ati nga mutuukirivu mu bakazi lukumi." Sulemaani ye yayogera bw'atyo, okiraba. Kati ekyo kyekkaanye, nti bwe kityo bwe kiri.

275 Naye, olaba ggwe, omukazi, oli—oli jjinja ery'omuwendo bw'oyagala okuba ejjinja ery'omuwendo, naye ekyo ggwe alina okwegomba okukibeera. Era olaba lwaki waaliwo ensonga y'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana*, Yesu gye yajulizaako emabega eri, kyali lwa kuba nti ekikula kyo ye yali ensibuko y'okwonoona kwonna. Eyo ye nsonga lwaki okuwasa abasukka mu omu n'okwawukana mu bufumbo, n'ebintu nga ebyo, byayingiramu. Ku luberyeberye tebyaliko bwe bityo, era si bwe biriba mu nsi eri emitala.

276 Laba Yakobo, eyasibukamu abakadde. Yali aweza abakyala kkumi na babiri. Yawasa abakazi babiri abaali ab'oluganda, era nga oggyeeko abo yalina n'abazaana, abakazi abalala abaali bakkirizibwa mu mateeka be yabeeranga nabo. Era abazaana abo bennyini be yazaalamu abakadde abo. Ekyo si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Okiraba, Ekigambo olina okukakasa nti kikwatagana.

277 Ha, abo mbalinako emiko egiwera. Omukulembeze w'eddiini n'amala ampakanya kw'ekyo, ne tufuna akakisa ne tutuula wamu, tusobola okubyogerako. Naye mu butuufu, bw'aba alimu ak'omwoyo konna, aba asobola okukiraba nti wano wennyini ge Mazima. Tekiriiko kubuuza Ekyo.

278 Omukazi omulungi aba kintu kirungi. Ekyo nkimanyi. Nkimanyi okusinziira ku bakazi aba nnamaddala. Nsisinkanye ku bakazi aba nnamaddala abeesimbu, nga bakazi bennyini ddala nga omusajja yenna eyali abadde ku nsi.

279 Omukazi yaggyibwa mu musajja era ali kitundu ku ye, era mu kugwa omusajja yawuliriza mukazi. Ya. . . Omukazi kitundu ku musajja. Naye, omukazi kiri gy'ali, ye yakolebwa nga asobola okuba omuseegu, era yaweebwa eddembe okugaana oba okukkiriza. Ekyo kikontana n'obutonde obwasooka ku luberyeberye, okiraba, naye ky'ekyo.

280 Kaakati essaawa ziri mukaaga, n'olw'ekyo nnina wano kye ŋŋenda okubuuka okumala eddakiika entonotono. Waliwo kye njagala okubabuuza.

281 Kati, mujjukire nti, bino mbyogera eri kibiina kyange kyokka. N'abali eyo abayungiddwa ku mukutu, bino mbyogera eri bagoberezi bange bokka. Obubaka buno bugenda eri bo bokka, awamu n'ebyo bye ŋŋenda okwogera wano.

282 Omuweereza yenna, ye, ekyo kikye, weewaawo, ye musumba w'ekisibo, leka akole kyonna ky'ayagala. Ekyo kiri gy'ali ne

Katonda. Kabona yenna, omubuulizi yenna, ekyo kiri gy'oli, muganda wange.

283 Njogerera wano wokka mu Jeffersonville, ekifo kyokka we nsobola okwogerera kino, kubanga kye kisibo kyange. Kye kisibo Omwoyo Omutukuvu kye yankwasa okutegeera okukirabirira, era Ye alinvunaana ebikikwatako. Era abantu bange bano be bakyuse okuva mu nzikiriza endala okuva mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo, be ndeese eri Kristo. Era, abaana abato, ndi wano kubayamba, era ndi mukwano gwammwe. Muyinza okulowooza nti njogera kubalumya; mulabeeyo, bino mbyogera ku lwa bulungi bwammwe. Mbaagala. Era ekyo bwe kiba nga si bwe kiri, Katonda ye Mulamuzi wange. Mukimanyi nti mbaagala.

284 Kino kintu kikalubo nnyo kya ntiisa, nnabadde simanyi na ngeri ya kukireetamu. Nnaakola ntya, nga nnina abasajja n'abakazi abatudde mu kibiina kyange, nga abamu ku bo baakafumbirwa n'okuwasa emirundi ebiri oba essatu? Abasajja abalungi n'abakazi abalungi, nga bonna bali mu mivuyo! Ky'ava ku ki? Njigiriza nkyamu, ky'ekyo kyennyini, butalindirira ku Mukama.

285 "Ekyo Katonda ky'agasse awamu, omuntu yenna takigattululanga." So si ekyo omuntu ky'agasse awamu; wabula ekyo "Katonda" ky'agasse awamu! Bw'ofuna okubikkulirwa butereevu okuva eri Katonda, nti oyo ye mukyala wo, era ekintu kye kimu, nti oyo ye wuwo, ebbanga ly'obulamu lyonna erisigaddeyo. Mukiraba? Naye ekyo omuntu ky'aba agasse awamu, omuntu yenna asobola okukigattulula. Naye ekyo Katonda ky'agatta awamu, tewaba muntu yenna yeetantala kukikwatako. "Kyonna Katonda ky'agatta awamu," Ye yagamba nti, "tewabanga omuntu yenna akigattulula." Si ekyo omulamuzi anyweddemu ky'agasse oba ekintu ekirala kyonna kye kiba kigasse awamu, oba omubuulizi eyagwa olw'ebigunje bye yasoma mu kitabo ekimu, ebimukkiriza okukola ekintu kyonna ky'ayagala okukola mu nsi, nga ate Ekigambo kya Katonda weekiri. Mukiraba? Njogera kw'ekyo Katonda kye yagatta awamu.

286 Kaakati ŋŋenda kwogera kino gye muli. Nneegendereza nnyo bye mbagamba. Ssigenderera kuba mukambwe gye muli bantu mmwe. Ssigenderera kuba mukambwe gye muli, baganda bange abasumba. Ekyo ssi kye ŋŋenderera. Wabula nvunaanyizibwa, oluvannyuma lw'okukitegeera nti kino kinkwasiddwa mu mikono gyange, era ssinga . . . ssisobola kukyesigaliza, ate ssimanyi na ngeri ya kukyogeramu, ate nkimanyi nti olutambi luno luggya ku . . . O, bannange, nja kwetegeka bwetegesi, wofiisi nzigule, kubanga kiikino kijja. Mukiraba?

287 Okufaananako nga bwe gwali ku *Zzadde Ly'Omusota,* naye kyakakasibwa nti ddala kituufu. Nnina empapula wano

wennyini, ezaggyibwa mu mawulire, nga abakazi mu kaseera kano kennyini . . . ne mu—mu . . . amanene. Agamu ku masaza g'ekereziya amanene galina ebifaananyi bya kiri kyennyini ekyakubwa, nga omusota gwewalulira ku kugulu kw'omukazi, era nga mu ngeri gye gwewalulamu nga bwe gumwenzingirirako; nga alina enneewulira y'ennyonyoogeze ey'enjawulo gye yeewuliramu mu mubiri gwe n'ebintu ebirala, ekintu omusajja ky'atasobola kumutusaako bw'aba naye, kye yawulira nga ogusota guno ogunene gumwezingiridde yenna, n'ebirala. Ago ge mazima gennyini. Ate byongera bwongezi kwonoonekera ddala, era bijja kwonoonekera ddala. Omusota, nga ekyo si kye gwali . . . tegwandisobodde kwegatta na mukazi nga omusota, naye mujjukire . . .

288 Jjuuzi twali tukubaganya ebirowoozo ne . . . si kukubaganya birowoozo, yali muweereza ava mu kkanisa ya Assembly of God gwe tukolagana naye, ye yagamba nti, "Oli mukyamu, kw'Ekyo."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, nze nnandiba omukyamu. Ggwe mbuulira."

289 N'alyoka agamba, n'agenda mu maaso okukyogerako. Mumanyi ekyabaawo, ye kennyini yeesiba mu kattu. Era kyokka kye yayogera, yagamba bugambi nti, "Ow'oluganda Branham, ekika ky'ensolo eyo kiri ludda wa? Katonda gye yagamba nti 'yeefaanana yokka.' Kaakati ekika ky'ensolo eyo gye wagamba nti eri wakati w'omuntu n'ensolo kiri ludda wa, ekyo ssaayansi ky'atasobola kuzuula kati? Kiri ludda wa?" N'agamba nti, "Ensolo eyo w'eri ku nsi? Lyali zzike?"

290 "Nedda, kubanga omusaayi gw'ezzike tegusobola kukwatagana na gwa mukazi, tewali nsolo ndala yonna esobola kukwatagana na mukazi. Nedda, tezisobola, n'enkwaso y'omusajja nayo tejja kukwatagana na—na kikazi. Tesobola."

291 "Kati olwo ensolo eyo eri ludda wa? Kati, Katonda yagamba nti, 'Buli kintu kyezaale kiveemu ekikifaanana.'"

292 Nnasooka ne nnindako katono. Awo obukkakkamu bw'Omwoyo Omutukuvu kwe kugamba nti, "Mugambe nti, 'W'eri wano.'"

Kati, nnasooka ne ŋŋamba nti, "Kyandiba, nga byafa ne biggwaawo."

N'agamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, ekyo, twogera ku Kigambo, si bwe kiri?"

293 Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo." Ne ŋŋamba nti, "Kkwo, okuba, bagamba mbu ebintu ebirala, nga zi dayinaso ne—ne mamosi, n'ebirala bwe bityo, zi mamosi, mamosi, manyanga, mbu byonna byagwaawo, n'ebirala bwe bityo." Ne ŋŋamba nti, "Kiyinzika okuba kyali ekyo."

294 N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, kye twogerako bwe bukakafu bw'Ekigambo. Ekibi bwe kiba kiri ku nsi kaakano, kitegeeza, n'ekibi ekyasooka, nakyo kirina okuba nga nakyo kiri ku nsi kaakano."

295 Ne ŋŋamba nti, "Mukama Yesu, wagamba nti, 'Teweraliikiriranga ky'onooyogera mu maaso g'abantu, kubanga kijja kukuweebwa essaawa eyo.' Mukama, kiki kye mba njogera?" N'agamba nti, "Mugambe nti, 'W'eri wano.'" Mu ngeri y'emu gye ndabamu okwolesebwa ku kituuti.

296 Ne ŋŋamba nti, "W'eri wano," naye nga ssimanyi na wa.

N'agamba nti, "Ludda wa?"

Mba ssinnaba na kulowooza, n'Agamba nti, "Gwe musota."

297 Kyali ekyo kyennyini, kubanga tegukyali nsolo. Gwakolimirwa ne gussibwa ku lubuto lwagwo ennaku z'obulamu bwagwo zonna ezisigaddeyo. Weeguli. Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Era mu kikolwa ekyo kye gwakola, wakyaliwo ekibi kye kimu kye gukola ku mukazi, nga mu kikolwa eky'okwegatta n'ekisajja. Awo w'atuukira mu mbeera z'okukanuka amaaso n'ebintu bwe bityo, bw'afuna enneewulira z'ennyonyoogeze ez'enjawulo mu mubiri gwe ezisukka kw'ekyo omusajja yenna ky'asobola okukola.

298 Nja kukoma awo kubanga tuli mu kibiina kya kintabuli. Nja kubaako abasajja abamu be nfuna, nki. . . twongere okukyogerako. Empapula zonna n'ebirala mbirina biri wano wennyini, mu ngalo zange kati, era nnabadde wa kubibagamba enkya ya leero. Kino nnabadde wa kukimalako olunaku lulamba, naye ka nkimalirize na kino.

299 Kino kigenda eri kkanisa yange yokka. Si kkanisa yange. . . Wabula ekisibo ekitono eky'abo abanzikiriza era abangoberera, kino kigenda gye bali.

300 Jjuuzi, nga mmanyi bulungi nti bwe mbaako ne kye mbagamba kyonna, kiteekwa okujja nga kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, nnalina Ebyawandiikibwa nga Ye bwe yakimbikkulira. Naye, "Mukama Katonda, ekibiina ekyo nnyinza kukigamba ki? Ebinaddirira bijja kuba bantu kwawukana. Abasajja bajja kutuula wabweru ku kifugi ne mu lujja, na buli wamu wonna nga beebuuza muli nti, 'Kati omukazi njawukane naye?' N'abakazi nti, 'Kati njawukane ne baze?' 'Nnaakola ntya?'" Ne ŋŋamba nti, "Mukama, nkole ntya?"

301 Ne wabaawo ekiŋŋamba nti, "Yambuka engulu eri mu lusozi, Nange nnaayogera naawe."

302 Kale mba ndi waggulu eyo mu lusozi, nga ssimanyi nti emmanga mu Tucson baali bakirengera. Naye n'abasomesa baayita abaana okuva mu. . . kawala kange n'abalala, bavaayo mu bibiina, ne babagamba nti, "Mulengere waggulu mu lusozi

luli! Waliyo Ekire ekyakaayakana kigira ne kyambuka waggulu mu bbanga ne kimala ne kidda wansi, kyambuka waggulu mu bbanga ne kimala ne kikka wansi." Ekitiibwa kibe eri Katonda.

303 Muky. Evans, wooli wano? Ronnie, wooli? Ne nkomawo emmanga ku ssundiro ly'amafuta, omulenzi ono akola ku ssundiro ly'amafuta, essundiro ly'amafuta erya ba Evans awo. Nga ssinnaba na kumanya mulenzi ky'agenda kwogera, n'anneerippa ku kugulu, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, wabadde ngulu eri mu lusozi luli, si gye wabadde?"

304 Ne ŋŋamba nti, "Kiki ky'otegeeza, Ronnie? Nedda," olaba, nga ngezaako okulaba ky'agenda okukola. Emirundi mingi ebintu bigenda ne bibaawo, ssitera, n'otabibuulira bantu. Ne kifuuka . . . Kiri nti, otuuka n'olaba ebintu bingi nga bibaawo, ne kifuuka kya bulijjo gy'oli. Mukiraba? Abantu ssibagamba bugambi. Ne ŋŋamba nti, "Ronnie, wabadde . . . "

305 N'agamba nti, "Nsobola n'okukulaga wa wennyini we wabadde." N'agamba nti, "Nnayise maama, ne tuyimirira wano ne twekkaanya Ekire ekyo ekyabadde kirengejjera eyo, nga bwe kigira ne kyambuka bwe kimala ne kidda wansi. Era nnagambye nti, 'Oyo ateekwa okuba Waluganda Branham ye atudde engulu eyo. Oyo Katonda y'ayogera naye.'"

306 Era ekibuga kyonna, abantu, baakirengera. Nga olunaku lutangaavu bulungi nga teri bire wonna mu bbanga n'akatono, nga Ekire kino ekinene ekyakaayakana kirengejja; nga bwe kigira ne kikka wansi nga akazindaalo, ate bwe kimala ne kyambuka nga bwe kigaziwa.

307 Ab'emikwano, kaakano mmaliriza, musobola okugenda oluvannyuma lwa kino. Mu kiseera ekyo Ekintu kino lwe kyambikkulirwa, kye ŋŋenda okubagamba kaakano, temukisubwa.

308 Kati njogera eri bagoberezi baffe bokka, abo bokka abangoberera n'Obubaka buno, so si ab'ebweru. Mubeere bajulirwa bange mu maaso ga Katonda. Eri ekibiina kino kyokka!

309 Kaakati tusangiddwa mu kavuyo kano olw'enjigiriza ezaataputibwa mu ngeri enkyamu. Si bwe kiri? Ye nsonga lwaki mmwe abakazi mwaddamu ne mufumbirwa omulundi ogw'okubiri, nammwe abasajja ne muwasa, kyabaawo lwa njigiriza ezaataputibwa mu ngeri enkyamu. Kati njagala okubaako ne kye mbalaga Ye kye yaŋŋambye.

310 Era bwe kiba nti Katonda, Omutonzi waffe, yabuuzibwa ekibuuzo bwe yali wano ku nsi, Yesu Kristo; era ne nnabbi We omununuzi bwe yajja, Musa, emmanga eri mu Misiri, okuggyayo abaana okuva mu—mu Misiri, okubateeka mu nsi ensuubize; era Yesu yagamba wano nti Musa yalaba abantu mu mbeera eno, n'abawa ebbaluwa ey'okwawukana, kubanga embeera yali nga bwe yali. Musa yasangawo ebintu, nga, "Leka amukkirize . . . "

Katonda yakkiriza Musa, nnabbi oyo eyatumibwa eri abantu, okubawa ebbaluwa eno ey'okwawukana mu bufumbo.

311 Era mu Bakkolinso Ekisooka, e—essuula ey'o 7, ennyiriri olw'e 12 n'olw'e 15, mu nnabbi w'Endagaano Empya, Pawulo, eyasanga ekintu kye kimu mu kkanisa, n'agamba bw'ati nti, "Kino nze nkyogera, so si Mukama waffe." Si bwe kiri? Olw'embeera y'okwawukana mu bufumbo.

312 "Tekyali bwe kityo okuva ku lubereberye." Naye Musa kyamukkirizibwa, era Katonda n'akitongoza nga obutuukirivu. Ne Pawulo naye yalina olukusa, bwe yasanga ekkanisa ye mu mbeera eyo.

313 Kaakano kino mukikkirize okuba nti kituufu, era mukikkirize okuba nti kivudde eri Katonda! Era kati olw'okukakasibwa kw'Ekire Kye n'Obubaka Bwe ebintuusizza eno gyendi, Katonda okusinziira ku lusozi teyandinzikirizza kukola kintu kye kimu, okubaleka mugende mu maaso nga bwe muli, wabula obutakiddiranga! Mugende ne bakyala bammwe mubeere mirembe, kubanga ebiseera biweddeyo. Okujja kwa Mukama waffe kusembedde. Tetulina budde kukutulakutula bintu bino. Temugezanga okuddamu okukikola! Njogera eri kibiina kyange kyokka. Naye bwe muba muli bafumbo... Era Katonda kw'ekyo yabadde mujulizi wange, ku lusozi, nsobole okwogera Kino, okubikkulirwa okusukkulumye, olw'okubembulwa kw'Obubonero Omusanvu, ate nga kino kibuuzo ekiri mu Kigambo kya Katonda. "Baleke bagende mu maaso nga bwe bali, wabula tebaddangamu okwonoona!"

314 "Tebyali bwe bityo okuva ku luberyeberye." Bwe kiri, si bwe byali, era si bwe biriba ku nkomerero. Naye mu mbeera ez'omulembe oguliwo, nga omuweereza wa Katonda...ssijja kweyita nnabbi We; naye nzikiriza oba oli awo, bwe kiba nga ssaatumibwa lw'ekyo, mmuteerawo omusingi bw'alijja. N'olw'ekyo mu mbeera ez'omulembe oguliwo, nkulagira okugenda mu maka go ne mukyala wo kaakano. Bw'oba oli musanyufu naye, beera naye, abaana bammwe mubakulize mu kutya Katonda. Wabula Katonda abasaasire ekyo bwe muligeza ne muddamu okukikola! Muyigirize abaana bammwe baleme kukola kintu kifaanana bwe kityo, mubakulize mu kutya Katonda. Era kati bwe mutyo nga bwe muli, tweyongereyo kaakano, mu ssaawa eno egenderedde ey'akawungeezi gye tulimu, era "tufube nga twolekera akabonero k'okuyitibwa okwa waggulu mu Kristo," awo ebintu byonna we bisobokera.

315 Okutuusa lwe nnaddamu okubalaba akawungeezi ka leero, Mukama Katonda abawe omukisa, nga bwe tusaba.

316 Mukama Katonda, tukwebaza. Tukutendereza. Oli Yakuwa y'omu oyo ow'ekitalo eyakkiriza Musa. Musa, omuweereza oyo, ye abantu be yandibagambye ki? Wabula, Katonda, wamukkiriza okubawa ebbaluwa ey'okwawukana mu bufumbo. Pawulo,

omutume ow'ekitalo omuwandiisi w'Endagaano Empya, nga Musa bwe yali ow'Enkadde. Musa yawandiika Amateeka n'ebiro by'amateeka. Bangi ku bannabbi, ebigambo byabwe byayingizibwamu mu Go, naye Musa ye yawandiika Amateeka. Era wamukkiriza okukola ebbaluwa, okubawa ebbaluwa ey'okwawukana mu bufumbo olw'obukakanyavu bw'emitima gyabwe.

317 Omutukuvu Pawulo ow'ekitalo, nga bwe yali omuwandiisi w'Endagaano Empya, naye yasobola okwogera ekigambo ekifaananako bwe kityo, nti, "Njogera mu mbeera zino eziriwo; nze, so si Mukama waffe."

318 Ne leero bwe kityo bwe kiri, Mukama Katonda, ku nkomerero y'ensi, nga tuli wansi w'okusaasira kwa Katonda, nga tumanyi nti mangu ddala tugenda kwanukula mu Kubeerawo Kwe. Era nti Okoze bingi nnyo, Mukama, nkakasa, mu maaso g'abantu bano, nti Kino bajja kukinywererako nga bwe kivudde gy'Oli. N'obujulizi wano olwa leero, obw'abantu abangi abatudde wano abaalaba Akabonero ako engulu eri mu lusozi, Bamalayika ba Mukama bwe bajja mu mbuyaga ey'akazimu, we yajjira mu Bamalayika omusanvu, eyo okubikkulirwa kw'Ebyama Omusanvu gye kwayanjuluzibwa; ne Malayika y'omu oyo, ku ludda lwe lumu, ku lusozi lwe lumu, olunaku Kino lwe kyabikkulwa!

319 Ayi Katonda, nsaba abantu baddeyo eka nga beebaza kuba Katonda abawadde ekisa kino. Nze nkyogedde bwogezi, Mukama, oluvannyuma lw'okuweebwa olukusa. Era nkyogera kuba mpeereddwa olukusa, Mukama. Era leka abantu basanyukire ddala baleme kuddamu kugezaako kukola kibi ekyo! Era leka baleme kugezaako kuddamu kukola kibi kirala kyonna, wabula bakwagale n'emitima gyabwe gyonna. Mukama, amaka gano gasanyuse, era leka bakule era bakulize abaana baabwe mu kutya Katonda.

320 Kubanga, Obubaka bwange obumbadde ku mutima bubuuliddwa, Mukama. Nkoze byonna bye mmanyi eby'okukola. Ne Ssetaani annwanyisizza okumala wiiki eziwerako, nga mmala n'essaawa eziwera nga sseebase. Naye kaakano nkiragira, Mukama, abantu bano, bakisome, era bagende babeerewo ku Lulwo. Kikole, Mukama. Nze nkyetikkudde kaakano. Bali mu mikono Gyo. Nsaba Ggwe obawe omukisa.

321 Wa omukisa ebiremba bino, Mukama, ebyakateekebwa wano, olw'abalwadde n'abanyigirizibwa. Leka ekiro kya leero kibeere ekimu ku biro ebikyasinzeeyo okuba ebirungi, ebijjudde amaanyi, abantu bonna bawonyezebwe. Kikole, Mukama. Tuwe omukisa ffenna.

322 Tugende mu mirembe, nga tuli basanyufu, nga tujaguza, kubanga Katonda w'obutonde atulaze "okuva ku luberyeberye," era atuwadde, mu mivuyo gyaffe gye tulimu, ekisa Kye nate,

mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Ai Katonda Omukulu era Ataggwaawo, nga tukikwebaliza! Era leka emitima gyaffe gisanyuke nnyo ddala, tuleme kuddamu kuba na kwegomba kwa kwonoona gy'Oli. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Mmwagala, (Nga lwaki tomwagala?)
Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku . . . gw'e Kalivaaliyo

323 Nkyogera kaakano abaweereza basobole okukitegeera. Kino kigenda eri abo bokka abagoberera Obubaka buno!

324 O, muli basanyufu? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mbabuulidde Mazima, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, mu byonna bye njogedde! ["Amiina!"]

325 Kaakano tuyimirire tuyimuse emikono gyaffe, nga bwe tuluyimba nate nti, "Mmwagala." Mmwagala olw'ekisa Kye. Mmwagala olw'okusaasira Kwe. Mmwagala olw'Ekigambo Kye. "Era Ekigambo kya Mukama kyajjanga eri bannabbi!"

Nja . . .

326 Jangu, ow'oluganda. Genda mu maaso.

Okufumbiriganwa n'Okwawukana LUG65-0221M
(Marriage And Divorce)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku makya ga Ssande, nga Febwali, 21, 1965, mu ssomero lya Parkview Junior High School mu Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org